# Omutemu ayingidde essomero lya



Essomero lye baatemulidde abaana nga bwe lifaanana.




Agambibwa okutemula abaana bw'afaanana ng'ateereddwa mu mmotoka ya poliisi. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.




Amagye nga gagugumbula abantu abaabadde bakaaye.

EBIFAANANYI BYA JOSEPHAT SSEGUYA, BENJAMIN SSEMWANGA NE JOSEPH MAKUMBI



Abaserikale nga baggyawo omuzadde eyabadde ayagala okuyingira ku ssomero awaabadde obutemu.



Byakagaba ng'atuuka mu kifo ewabadde ettemu.

Bya JOSEPHAT SSEGUYA NE BENJAMIN SSEMWANGA

ABAANA abali mu myezi mukaaga okutuuka mu myaka mukaaga, baabadde mu kibiina omutemu n'abayingirira n'atema omu kw'omu ekiso ng'abalala abafumita ku mitima.

Zaabadde mu ssaawa ttaano ng'obudde bwe babanoneramu mu kifo gye bakuumirwa ng'abazadde abagenze ku mirimu banaatera okubanona, era abamu bwe baalabye omusajja eyeesozze ekibiina, baabadde balowooza y'omu ku bataata ababanona oba ba 'anko.'

Mu kabanga katono ddala ng'abaana beetegereza, omusajja ono eyabadde mu ssaati enzirugavu erimu ebyeru ng'asuddeko ekikooti, yaggyeyo ekiso ekyabadde mu kikooti mu bwangu n'akisogga omwana eyabadde asooka ku mulyango n'akimukuulamu n'akizza ku mulala ng'afumita ku mutima.

Yalabye abaasoose basigalamu akasamba, n'atandika kutema nsingo, omu ku omu ng'era gw'aggyako ekiso tamuddira akwata mulala.

Olw'emyaka emito, baabadde tebalina ngeri yonna yaakwerwanako nga n'abalaba ku musaayi, baasigadde batudde mu kifo ky'ekimu olw'obutamanya kigenda mu maaso.

Abakulukulumu baatandise okwesega okweyongerako mu busonda naye era n'abalumbayo.

Bino byabadde kifo kya Early Childhood Development Centre e Ggaba mu munisipaali y'e Makindye mu Kampala, omusajja bwe yalumbye essomero n'awuddiisa be yasanzeewo nti ayagala kifo kya mwana we.


Baamulagiridde emitendera n'asasula ne ssente za 'admission' ezimukkiriza okusomeseza omwana we ku ssomero lino erisomesa n'okukuuma abaaba ab'abazadde balina abaana abato be babatasobola kugenda nabo ku mirimu.



Omu ku baana abaafiriddwa baganda baabwe ku ssomero nga baaziirana.

Ekifo kino kyassibwawo ekibiina kya Kulika, nga mu Kampala biri bisatu, okuli kino, eky'e Nateete ne Mulago nga ekiruubirirwa kya kuyamba ku bazadde abakozi abalina abaana abatannatuuka kusoma, basobole okubabeera okumpi olunaku lwonna.

Omusajja olwavudde mu ofiisi, yabeebunguluddeko mpola nga yeefudde ayagala okulambula essemero w'aleeta omuyizi, baamwekanze ali mu kibiina ng'ekiri eyo kissakinegula. Olwo yabadde yaakatemaatema abaana abatannamanyika muwendo kyokka nga ku bo, abana yabattidewo



OMUKUNGU WA GAVT. AFIIRIDDE MU KUCANGA ABAKAZI -P19



TRUMP ALAALISE OKUSEETEEZA IRAN MU WIIKI 3 -P4




Akadirisa

EMIPIIRA EGIFUNA

P7-18


www.bukedde.co.ug

# Bukedde

VISION GROUP
NATIONAL PRIDE • GLOBAL EXCELLENCE

VOL 32 NO. 067 LWAKUTAANO APRIL 3, 2026
SHS 1,000/-, KSH 50, TZ 800

# OMUTEMU ASANJAZE ABAANA 4 E GGABA



Omutemu

## Ayingidde 'Day Care' n'asala omu kw'omu



Taata w'omu ku baana ng'akaaba.



LABA - P2,3

Omusajja ng'afa ennaku olw'omwana we.



Omu ku bamaama b'omwana eyafudde n'ali mu maziga.

FORTEBET

WHO'S THE FAVORITE ACCORDING TO THE LARGEST SPORTS BETTING COMMUNITY IN UGANDA? LET YOURSELF BE INSPIRED BY THEM!

| | 1 | | X | | 2 | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| MAN CITY | 1.78 | 65% | 4.10 | 15% | 4.25 | 20% | LIVERPOOL |

ForteBet is licensed and regulated by the Lotteries and Gaming Regulatory Board. Betting is addictive and can be psychologically harmful. Minors not allowed.

LWAKUTAANO APRIL 3, 2026

# Bukedde Akadirisa

VISION GROUP
NATIONAL PRIDE • GLOBAL EXCELLENCE

## Emiko 12 munda egya Beetingi

P7-18



# UGANDA CUP

## Vipers ne NEC bali butoola

- P17

Richard Basangwa owa NEC (ku ddyo) ng'akulukuta n'omupiira.


# FORTEBET

Safe betting deposits: MTN airtel www.facebook.com/fortebet.ug

www.fortebet.ug e-mail: info@fortebet.ug Call for free: 0800 202 202 #fortebet_Uganda @ForteBet_Uganda

## Soccer

**France Ligue 1**

| INFO | DATE | TIME | HOME | AWAY | FT RESULT 1 | X | 2 | 1X | X2 | 12 | U/O 1.5 u1.5 | o1.5 | U/O 2.5 u2.5 | o2.5 | U/O 3.5 u3.5 | o3.5 | 1st HALF 1 | X | 2 | HT U/O u1.5 | o1.5 | BTS Yes | No |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 4972 | 3.4 | 21:45 | PSG | Toulouse | 1.29 | 6.10 | 10.0 | 1.06 | 3.80 | 1.14 | 4.85 | 1.20 | 2.41 | 1.60 | 1.57 | 2.46 | 1.70 | 2.78 | 7.20 | 1.63 | 2.25 | 2.01 | 1.80 |

**Germany Bundesliga**

| INFO | DATE | TIME | HOME | AWAY | FT RESULT 1 | X | 2 | 1X | X2 | 12 | U/O 1.5 u1.5 | o1.5 | U/O 2.5 u2.5 | o2.5 | U/O 3.5 u3.5 | o3.5 | 1st HALF 1 | X | 2 | HT U/O u1.5 | o1.5 | BTS Yes | No |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 2999 | 4.4 | 16:30 | Leverkusen | Wolfsburg | 1.44 | 5.10 | 6.90 | 1.12 | 2.93 | 1.19 | 5.60 | 1.16 | 2.68 | 1.50 | 1.70 | 2.21 | 1.84 | 2.74 | 5.60 | 1.72 | 2.10 | 1.69 | 2.17 |
| 3129 | 4.4 | 16:30 | Freiburg | Bayern | 6.70 | 5.60 | 1.41 | 3.05 | 1.13 | 1.16 | 6.40 | 1.13 | 3.05 | 1.40 | 1.86 | 1.98 | 5.50 | 2.84 | 1.81 | 1.83 | 1.96 | 1.59 | 2.37 |

**Italy Serie A**

| INFO | DATE | TIME | HOME | AWAY | FT RESULT 1 | X | 2 | 1X | X2 | 12 | U/O 1.5 u1.5 | o1.5 | U/O 2.5 u2.5 | o2.5 | U/O 3.5 u3.5 | o3.5 | 1st HALF 1 | X | 2 | HT U/O u1.5 | o1.5 | BTS Yes | No |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 10784 | 6.4 | 19:00 | Juventus | Genoa | 1.40 | 4.90 | 8.50 | 1.09 | 3.10 | 1.20 | 3.45 | 1.33 | 1.87 | 1.97 | 1.33 | 3.45 | 1.85 | 2.43 | 7.30 | 1.40 | 2.91 | 2.35 | 1.60 |

**Spain LaLiga**

| INFO | DATE | TIME | HOME | AWAY | FT RESULT 1 | X | 2 | 1X | X2 | 12 | U/O 1.5 u1.5 | o1.5 | U/O 2.5 u2.5 | o2.5 | U/O 3.5 u3.5 | o3.5 | 1st HALF 1 | X | 2 | HT U/O u1.5 | o1.5 | BTS Yes | No |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 1820 | 4.4 | 17:15 | Mallorca | Real Madrid | 5.50 | 4.50 | 1.58 | 2.48 | 1.17 | 1.23 | 4.40 | 1.23 | 2.23 | 1.68 | 1.51 | 2.64 | 5.20 | 2.49 | 2.03 | 1.57 | 2.38 | 1.77 | 2.05 |
| 4174 | 4.4 | 22:00 | Atl. Madrid | Barcelona | 3.05 | 3.75 | 2.26 | 1.68 | 1.41 | 1.30 | 5.30 | 1.17 | 2.58 | 1.53 | 1.68 | 2.23 | 3.30 | 2.48 | 2.62 | 1.69 | 2.14 | 1.46 | 2.71 |

**England FA Cup**

| INFO | DATE | TIME | HOME | AWAY | FT RESULT 1 | X | 2 | 1X | X2 | 12 | U/O 1.5 u1.5 | o1.5 | U/O 2.5 u2.5 | o2.5 | U/O 3.5 u3.5 | o3.5 | 1st HALF 1 | X | 2 | HT U/O u1.5 | o1.5 | BTS Yes | No |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 1102 | 4.4 | 14:45 | Manchester City | Liverpool | 1.78 | 4.10 | 4.25 | 1.24 | 2.09 | 1.25 | 4.90 | 1.18 | 2.44 | 1.56 | 1.60 | 2.34 | 2.26 | 2.48 | 4.15 | 1.62 | 2.21 | 1.56 | 2.37 |
| 1141 | 4.4 | 19:15 | Chelsea | Port Vale | 1.06 | 16.0 | 28.0 | - | 10.0 | 1.02 | 9.20 | 1.06 | 4.71 | 1.19 | 2.51 | 1.53 | 1.29 | 4.25 | 13.0 | 2.16 | 1.65 | 2.41 | 1.54 |
| 1144 | 4.4 | 22:00 | Southampton | Arsenal | 11.0 | 6.00 | 1.28 | 3.90 | 1.05 | 1.15 | 5.05 | 1.17 | 2.56 | 1.51 | 1.60 | 2.34 | 7.30 | 2.89 | 1.66 | 1.62 | 2.21 | 1.92 | 1.84 |

ODDS ARE SUBJECT TO FLUCTUATION

NYUMIRWA OMUZANYO NE FORTEBET! WWW.FORTEBET.UG WWW.FACEBOOK.COM/FORTEBET.UG

Betting is addictive and can be physiologically harmful.


Printed and published by The New Vision Printing and Publishing Co. Ltd., PO Box 9815, Kampala. Tel: 0414/312 337000. Registered at the GPO as a newspaper. Advertising Department, Pike House, Plot 17, First Street, Industrial Area next to Vision Group Head Office.

# Omutemu ayingidde essomero lya


Essomero lye baatemulidde abaana nga bwe lifaanana.


Agambibwa okutemula abaana bw'afaanana ng'ateereddwa mu mmotoka ya poliisi. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.


Amagye nga gagugumbula abantu abaabadde bakaaye.

EBIFAANANYI BYA JOSEPHAT SSEGUYA, BENJAMIN SSEMWANGA NE JOSEPH MAKUMBI

Bya JOSEPHAT SSEGUYA NE BENJAMIN SSEMWANGA

ABAANA abali mu myezi mukaaga okutuuka mu myaka mukaaga, baabadde mu kibiina omutemu n'abayingirira n'atema omu kw'omu ekiso ng'abalala abafumita ku mitima.

Zaabadde mu ssaawa ttaano ng'obudde bwe babanoneramu mu kifo gye bakuumirwa ng'abazadde abagenze ku mirimu banaatera okubanona, era abamu bwe baalabye omusajja eyeesozze ekibiina, baabadde balowooza y'omu ku bataata ababanona oba ba 'anko.'

Mu kabanga katono ddala ng'abaana beetegereza, omusajja ono eyabadde mu ssaati enzirugavu erimu ebyeru ng'asuddeko ekikooti, yaggyeyo ekiso ekyabadde mu kikooti mu bwangu n'akisogga omwana eyabadde asooka ku mulyango n'akimukuulamu n'akizza ku mulala ng'afumita ku mutima.

Yalabye abaasoose basigalamu akasamba, n'atandika kutema nsingo, omu ku omu ng'era gw'aggyako ekiso tamuddira akwata mulala.

Olw'emyaka emito, baabadde tebalina ngeri yonna yaakwerwanako nga n'abalaba ku musaayi, baasigadde batudde mu kifo ky'ekimu olw'obutamanya kigenda mu maaso.


Abakulukulumu baatandise okwesega okweyongerako mu busonda naye era n'abalumbayo.


Bino byabadde kifo kya Early Childhood Development Centre e Ggaba mu munisipaali y'e Makindye mu Kampala, omusajja bwe yalumbye essomero n'awuddiisa be yasanzeewo nti ayagala kifo kya mwana we.

Baamulagiridde emitendera n'asasula ne ssente za 'admission' ezimukkiriza okusomeseza omwana we ku ssomero lino erisomesa n'okukuuma abaaba ab'abazadde balina abaana abato be babatasobola kugenda nabo ku mirimu.

Ekifo kino kyassibwawo ekibiina kya Kulika, nga mu Kampala biri bisatu, okuli kino, eky'e Nateete ne Mulago nga ekiruubirirwa kya kuyamba ku bazadde abakozi abalina abaana abatannatuuka kusoma, basobole okubabeera okumpi olunaku lwonna.

Omusajja olwavudde mu ofiisi, yabeebunguluddeko mpola nga yeefudde ayagala okulambula essemero w'aleeta omuyizi, baamwekanze ali mu kibiina ng'ekiri eyo kissakinegula. Olwo yabadde yaakatemaatema abaana abatannamanyika muwendo kyokka nga ku bo, abana yabattidewo


Abaserikale nga baggyawo omuzadde eyabadde ayagala okuyingira ku ssomero awaabadde obutemu.


Byakagaba ng'atuuka mu kifo ewabadde ettemu.


Omu ku baana abaafiiriddwa baganda baabwe ku ssomero nga baaziirana.

# Day Care n'asanjaga abaana

# Amaziga!



Abazadde n'abadduukirize mu nnyiike ku ssomero eryalumbiddwa omutemu e Ggaba.



Omuzadde mu maziga bwe yabadde atuuse ku ssomero.



Abazadde mu maziga

okwabadde abalenzi basatu n'omuwala omu.

Akavuvung'ano akaabadde mu kibiina ng'omusajja ono awanika ekiso ekyabadde kitemagana nga bw'akizza wansi ku sipiidi, kye kyaviiriddeko owa boda boda eyabadde ku kkubo okwebuuza ky'aliko n'alumba.

Yabuuse akakomera akaabadde ak'obutimba n'agwa munda n'adduka okutuuka mu kibiina ng'ekiri munda kizibu kya kunyumiza ggwe asoma bino. Yalumbye omusajja n'amusongamu ekiso nga ye ayongera kulumba n'amugwa mu malaka n'amuyoola.

Beenyodde ne bafuluma ebweru gye baasanze asikaali w'essomero ne bamunyweza.

Olwo ab'essomero nabo baabadde batabuddwa nga ku yabadde asasudde ssente mu offiisi, kwe balaba n'omusaayi ku mikono kumbe yabadde mutemu.

Ekyaddiridde be baliraanwa b'essomero okwagala okutta omusajja ono eyabadde alwana n'amaanyi abeesumattuleko adduke.

Poliisi yayanguye okutuuka n'ekuba amasasi mu bbanga okukkakkanya abatuuze abaabadde batandise n'okwokya obuyumba bw'embaawo nga baagala kutta mutemu.

**BAZADDE B'ABAANA BAAZIIRANYE**

Bazadde b'abaana baaziranidde ebweru w'essomero nga bafa okwagala okumanya ekigenda mu maaso ku baana baabwe.

Abamu baabadde bakakasizza nti abaana battiddwa kyokka nga ekyo baagala kukikakasa nga balabye ku mirambo.

Olwo emirambo egimu poliisi yabadde amaze okugitwala mu ggwanika kyokka nga waliwo omulambo gw'omwana omu eyategeerekese nga Lian Odeke ow'omwaka ogumu n'ekitundu abazadde gwe baabadde balengera munda mu ssomero we gwagudde nga bamufumise.

Oluvannyuma taata wa Lian yazze bwe yalengedde omulambo, yakubiddewo enduulu nti, ***'Ye mwana wange yennyini maama, laba n'engoye ze namwambazza ku makya zeezo z'alimu.'***

Taata ye Simon Okurut eyalaajanye akkirizibwe abaserikale abaabadde abangi ayingire essomero alabe omulambo gw'omwana we oboolyawo akyalimu n'akassa nga tekisoboka.

Ne bwe baamukakasizza nti, yafudde dda, nga byonna talina ky'awulira okutuusa kabangali ya poliisi lwe yafulumizza omulambo gw'omwana we okugutwala mu ggwanika n'agulengerako n'akakasa ate olwo (taata) n'aggweeramu ddala amaanyi.

Olwo abazadde abalala ab'abaana abaasoose okutwalibwa mu ggwanika nabo baabadde baaziirana ate nga n'abaabaana abataafudde nabo baagala kuyingira kukakasa oba abaabwe bakyali balamu.

Abazadde b'abaana abaalumiziddwa baabategeezezza bwe baddusiddwa mu kalwaliro ka Wentz ,edical Center e Ggaba, nabo gye baddukidde ate akavuyo ke kaddiridde ku ddwaaliro eryo ryo babagaanye okuyingira.

Abakuumi n'abasawo baabasabye bakkakkane bajjanjabe abaana kyokka nga balwana kubalabako bakakase ekiriwo.

Ku ssomero, polisi n'amagye baakubye omukka ogubalagala n'amasasi mu bbanga okugugumbula abazadde abaabadde batabuse ku ssomero nga baagala n'omutemu akolebweko.

Ateeberezebwa okutta abaana bano nga ye Christopher Okello Onyum, poliisi yamusizza ku poliisi y'e Kabalagala mu bukuumi obw'amaanyi ng'abantu abaabadde bakwatiridde ebweru w'essomero bwe beesooza n'okuyomba.

Adduumira poliisi mu ggwanga Abas Byakagaba naye yeesitudde n'atuuka mu kifo kino ne yeetegereza embeera. Yagambye nti poliisi yanywezezza agambibwa okutemula abaana era egenda kunoonyereza.

**ABAANA ABALALA ABAAFUDDE**

Okusinziira ku mwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Racheal Kawala nga naye ku ssomero yabaddewo, essomero lyabaddemu abaana 14, omutemu n'attako bana.

**Abalala abaafudde;**

- Gideon Eteko myaka ebiri n'ekitundu
- Almat Keisha wa myaka ebiri
- Ignatious Sseruyange ow'emyaka ebiri n'ekitundu.

## Tuli mu maziga na biwoobe



**Ben Kakooza:** Kitukoze bubi okulaba ng'omutemu oyo ng'akola ekikolwa ng'ekyo eri abaana. Tusaba abeebyokwerinda okukola ekisoboka okulaba ng'abazadde bafuna obwenkanya.



**Milly Nanteza:** Abeebyokwerinda bakole ekisoboka, abazadde bafune obwenkanya mu ngeri yonna n'oyo akikoze naye avunaanibwe mu mateeka era akolebweko nga obuyinza bwe bulagira.



**Mike Kiganda:** Kino kikangabwa ky'amaanyi kye tufunye mu kitundu kyaffe era mbadde sirabangako mu bulamu bwange. Twebuuza, omusajja ono mulamu oba mulalu!



Abazadde mu maziga



Simon Okurut, taata wa Ryan Odeke ow'omwaka ogumu n'ekitundu omu ku battiddwa omutemu mu miranga.

# Poliisi ewadde obujulizi obuwuniikiriza ku bagambibwa okutta omusuubuzi w'e Masaka

Bya PHIONA NANYOMO



Joyce Akello omusawo eyeekebejja omulambo gwa Nantale ng'awa obujulizi. Mu katono ye Kibaya naye eyawadde obujulizi. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

ABASERIKALE ba Poliisi abakola okunoonyerezza ku buzzi bw'emisango bawadde obujulizi obuwuniikiriza ku basajja abagambibwa okutta omusuubuzi omututumufu mu kibuga Masaka.

Kiddiridde kkooti enkulu e Masaka ng'ekubirizibwa omulamuzi Victoria Nakintu okutandika okuwulira omusango guno nga mu kiseera kino abantu ab'enjawulo bakyagenda mu maaso n'okuwa obujulizi.

Abavunaanwa mu musango guno bakomezeddwaawo mu kkooti, omulamuzi n'addamu okubasomera emisango egibavunaanibwa okuli ogw'okutta n'okwekobaana okutta omugenzi Aisha Nantale.

Kigambibwa nti, nga July 24, 2019 abatemu baayingirira Nantale mu maka ge ku kyalo Soweto ne bamutta mu bukambwe nga beeyambisa ebissi okwali n'embazzi. Era kigambibwa nti, ku ttemu lino baagattako n'okubba ssente ezisoba mu bukadde 20 ezaali zimuweerezeddwa mutabani we eyali emitala w'amayanja.

Poliisi yakwata Ronald Lutaaya, Alex Makanja ne Twinomujuni bagiyambeko mu kunoonyereza era ne kizuulwa nti bano balina kye bamanyi ku nfa y'omugenzi.

Aba poliisi bano okuli; Intelligence officer Paul Kibaya, Godfrey Mwanje nga be banoonyereza ku musango guno wamu ne Joyce Akello omusawo wa poliisi eyakebera omulambo, be baawadde obujulizi.



Omugenzi Nantale

Baalaze kkooti empapula okuli nnamba z'amasimu ezaakozesebwa ng'abavunaanwa boogerezeganya n'okuluka ddiiru y'okutta Nantale n'ekigendererwa eky'okumubbako ensimbi ezoogerwako.

Akello yalaze ebifaananyi bye yakuba oluvannyuma lw'okwekebejja ennyumba omwali ettemu lino. Yaleese n'ebizibiti okuli embazzi, amafumu n'obwambe ebyakozesebwa mu ttemu lino.

Abaselikale bakkaatirizza nga bwe baakola okunoonyereza okumala ku musango guno, ne bakwata abasajja bano abasatu. Era baategeezezza nti, abakwate bakkiriza nga bwe babba n'ebintu ebirala okuli ttivvi, bbaatule y'emmotoka n'ebirala.

Baategeezezza nti, Ronald Lutaaya yali amanyi omugenzi era nti ye yatwala Makanja ne Twinomujuni ew'omugenzi. Kigambibwa nti, Nantale mu kubaggulira, yali amanyi aggulira Lutaaya, gye baggweera nga bamumizizza omusu.

Kibaya yategeezezza kkooti nti, Lutaaya ne Twinomujuni balumiriza Makanja nti ye yakuba Nantale embazzi ku mutwe ng'eno ye yamuggya mu budde.

Okuwa obujulizi mu musango guno kukyagenda mu maaso era omulamuzi yagwongeddeyo okutuusa nga April 31, 2026.

# Babalagidde okwanjula ebyobugagga ewa Kaliisoliiso

Bya HANNINGTON NKALUBO

BANNABYABUFUZI abaalondeddwa mu bifo eby'enjawulo n'abakozi ba Gavumenti, balagiddwa okuwaayo enkalala z'ebyobugagga byabwe ewa Kaliisoliiso wa Gavumenti. Baweereddwa ennaku 30 zokka okukikola nga zaatandise ggulo.

Kaweefube ono yatongozeddwa ku Lwokusatu ku mukolo ogwabadde ku ofiisi za Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja. Gwetabiddwaako minisita avunaanyizibwa ku nsonga z'abakozi Wilson Mululi Mukasa, minisita w'empisa n'obuntubulamu Rose Lilly Akello, Kaliisoliisi wa Gavumenti omulamuzi Aisha Naluzze Batala, akulira abakozi ba Gavumenti Lucy Nakyobe, akulira akakiiko akakola ku misango gy'abagaanye okulangirira ebyobugagga byabwe Dr. Roselyn Karugonjo Ssegawa, omumyuka wa Kaliisoliiso Dr. Particia Achan Okiria n'abalala

Minisita Mululi Mukasa yategeezezza nti, kiri mu tteeka omukulembeze yenna nga tannayingira ofiisi ya ggwanga okuba ng'alangiridde ebyobugagga bye ewa Kaliisoliiso wa Gavumenti.

Yagambye nti, kino kikolebwa okulwanyisa enguzi n'abakulembeze okuba abeerufu mu mpeereza yaabwe eri eggwanga. Yennyamidde nti ssente nnyingi ezaalibadde zikolera abantu n'okubakulaakulanya kyokka zibbiddwa, nga kino Gavumenti ky'eyagala okumalawo.

Yagambye nti, omwaka oguwedde abantu ebitundu 10 ku 100 nga bawera 3,000 tebaalangirira byabugagga byabwe era ofiisi ya Kaliisoliiso wa Gavumenti esaana enoonyereze lwaki tebaakikola.

Kaliisoliiso, Naluzze Batala yasiimye abazze balangirira ebyobugagga byabwe mu budde n'ategeeza nti amateeka gawa ebbanga lya mwezi mulamba, ogwatandise nga April 1, 2026 okutuuka nga April 30 2026 buli omu abe ng'alangiridde ebyobugagga bye.



Kaliisoliiso wa Gavumenti, Aisha Naluzze Batala ng'atongoza okulangirira ebyobugagga eggulo.

Ate akulira akakiiko akakola nga kkooti ku bantu abagaanye okuwaayo ebyobugagga byabwe Dr. Roselyn Karugonjo Ssegawa yagambye nti, kibakatako okwanjula ebyobugagga byabwe oba bingi oba bitono era bo mu kakiiko kaabwe balindiridde lukalala lw'abagaanye okuwaayo bakangavvulwe.



Bp. Mukasa ng'akulisa Bakazungu okutuuka ku myaka 50 egy'obufumbo.

# 'Mwongere okulima emmwaanyi'

Bya MUSASI WAFFE

OMUSUMBA w'e Kasana - Luweero, Bp. Lawrence Mukasa awabudde abalimi okwongera ku bungi bw'emmwaanyi ezisimbibwa ng'omu ku kaweefube w'okulwanyisa obwavu mu ggwanga n'okwekulaakulanya.

Yakakasizza ab'e Nakaseke nti, enkumbi terimba naddala ku balimi abettanidde okulima emmwaanyi mu bungi n'ategeeza nti, ng'oggyeeko okutumbula ebyenfuna by'eggwanga, ziyambye abafumbo bangi okuyimirizaawo amaka gaabwe naddala mu kusasula ffiizi z'abaana.

Omusumba Mukasa yabadde ku mukolo, John Baptist Kazungu ne mukyala we Judith kwe baajagulizza emyaka 50 mu bufumbo obutukuvu ku Klezia y'ekigo ky'e Kijaguzo e Semuto.

Abagole bazzeemu okukuba ebiragaano by'obufumbo, oluvannyuma ne basembezza abagenyi baabwe mu maka gaabwe ku kyalo Sembwa mu disitulikiti y'e Nakaseke.

Bp. Mukasa yeebazizza ne Sister Mary Sylvia Nakasaabo muwala w'abajaguza okuweereza mu bubiikira emyaka 25 n'amusaba okwongera okusabira bazadde be okuwangaala nga naye kimuwa obuvumu mu buweereza.

Father Archilles Ssemakula nga ye bwanamukulu w'ekigo ky'e Semuto, yeebazizza abajaguza okukuuma obwesigwa n'okwagala Katonda. Bakazungu baagambye nti, obugumiikiriza n'okwagala Katonda z'empagi enkulu ezikuumye obufumbo bwabwe.

# Bawadde obubaka bwa Paasika

Bya MARGRET ZALWANGO, ERIA LUYIMBAZI ne JOANITA NAKATTE, TONNY NSOONA

SSAABALABIRZI w'Ekkanisa ya Uganda, Rt. Rev Dr. Stephen Kazimba Mugalu asabye abakulembeze n'abantu ku mitendera egy'enjawulo okukolerera emirembe n'okutabagana, eggwanga litebenkere.

Bino biri mu bubaka bwe obwa Paasika bwe yaweeredde mu maka g'Obwassaabalabirizi e Namirembe. Dr Kazimba yagambye nti ye ne banne abakulira enzikiriza abeegattira mu kibiina kya Inter Religious Council of Uganda bafubye okulaba nga wabeerawo emirembe n'okutabagana oluvannyuma lw'okulonda kwa bonna era kuvuddemu ebibala.

"Tusaba abantu mwenna mufube okulaba ng'eggwanga libeeramu emirembe era okutabagana kubeerewo, enjawukana ziggweewo kubanga Yesu Kristo ye Mirembe egya nnamaddala era girina okubukala mu ggwanga," Bp.Kazimba Mugalu bwe yategeezezza.



Ssaabalabirizi wa Uganda, Dr. Kazimba n'Abakristaayo mu kusaba.



Bp. Ssemogerere



Bp. Grace Lubaale



Bp. Kagodo

## SSAABASUMBA ATUKUZZA OMUZIGO E LUBAGA

Ssaabasumba w'essaza Ekkulu erya Kampala, Paul Ssemogerere asabye bannaddiini abali mu buweereza bwa Klezia obutakoma kusiiga bantu muzigo, wabula babeererewo ne mu mwoyo okubalyowa.

Okwogera bino yabadde akulembeddemu Mmisa ey'okutukuza omuzigo ogukozesebwa ku mikolo egy'enjawulo ku Klezia Katolika mu Lutikko e Lubaga. Omuzigo guno gwe gukozesebwa mu kusiiga abalwadde, Abakristu abasomye omujiji ssaako ogusiiga abafunye obusaserdooti n'okuggulawo Eklezia empya.

Mu Mmisa abaseminaaliyo 6 baayatudde okwesimbawo okutandika olugendo lwabwe olw'Obudinkoni.

## ASABYE GAVT. KU BUTONDE BW'ENSI

Omulabirizi w'e Mukono, Rt. Rev. Enos Kitto Kagodo asabye Gavumenti eyongere okumyumyula mu tteeka eritangira okwonoona obutonde bw'ensi, olw'abantu abasusse okutema emiti n'okumansa obuveera buli we basanze.

Yasinzidde mu lukung'aana lwa bannamawulire bwe yabadde awa obubaka bwe obw'Amazuukira ga Kristo n'alaga obwennyamivu olw'obutonde bw'ensi obugootaanye ennyo ensangi zino obuviiriddeko embeera y'obudde okwonooneka.

Yavumiridde ekibbattaka ekitwaliddemu n'ery'Ekkanisa ekisitudde obuto enkundi. Yagambye nti, wiiki ewedde bakifeesi baalumba ettaka ly'e Nakanyonyi ne basaawa ebitooke byonna n'okuzimbamu obuyumba wabula poliisi yakoze okunoonyereza era abamu ne bakwatibwa.

Yabakuutidde okufaayo ennyo okukuuma omuwendo gwa Kristo Yesu eyabafiiririra ku musaalaba nga bakola ebyo ebiweesa Katonda ekitiibwa.

## MUZUUKIRE NE YESU

Omulabirizi wa Busoga, Rt Rev. Prof. Grace Lubaale, asabye Abakristaayo, okuzuukira awamu ne Yesu Kristo mu nneeyisa yaabwe, abaami n'abakyala abafumbo okuddayo ku nnono n'enneeyisa zaabwe, we baatandikira mu bufumbo bwabwe.

Yabasabye okwezza obuggya mu nneeyisa n'ennono kuba tekikoma ku bakyala bokka, wabula n'abaami, abaakomangawo nga bukyali awaka, kati badda matumbi budde, oluusi okusulayo, n'obutalya mmere waka, ne baleetanga tulo.

Bino Polof. Lubaale, yabyogeredde ku kkanisa Lutikko e Bugembe, bwe yabadde awa obubaka bw'Amazuukira.

UEDCL

Lighting up your world

## ELECTRICITY RETAIL TARIFFS FOR THE SECOND QUARTER (APRIL TO JUNE) OF 2026

The Uganda Electricity Distribution Company Limited (UEDCL) hereby informs its esteemed customers of the following Electricity Retail Tariff Rates applicable for the second quarter (April to June) of 2026 as approved by the Electricity Regulatory Authority (ERA) as below:

| CUSTOMER TARIFF CATEGORY | TIME OF USE | ELECTRICITY TARIFF (UShs/ kWh) |
|---|---|---|
| **Domestic Consumers - CODE 10.1** Low Voltage single phase supplied at 240 volts. | First 15 kWh in a month | 250.0 |
| | Units between 16-80 kWh | 756.2 |
| | Units between 81-150 kWh | 412.0 |
| | Units above 150 kWh | 756.2 |
| **Commercial Consumers - CODE 10.2** Three-phase low voltage load not exceeding 100 Amperes. | Peak | 650.8 |
| | Shoulder | 546.4 |
| | Off- Peak | 414.0 |
| | **Average** | **546.4** |
| **Medium Consumers - Manufacturing - CODE 20.1** Low voltage 415Volts, with maximum demand up to 500kVA. | Peak | 428.0 |
| | Shoulder | 355.1 |
| | Off- Peak | 275.6 |
| | **Average** | **355.1** |
| **Medium Consumers – Service - CODE 20.2** Low voltage 415Volts, with maximum demand up to 500kVA. | Peak | 497.5 |
| | Shoulder | 412.8 |
| | Off- Peak | 320.4 |
| | **Average** | **412.8** |
| **Large Industrial Consumers - Manufacturing - CODE 30.1** High Voltage 11,000Volts or 33,000Volts, with maximum demand exceeding 500kVA but up to 1,500 kVA. BLOCK 1. | Peak | 370.5 |
| | Shoulder | 300.4 |
| | Off- Peak | 231.6 |
| | **Average** | **300.4** |
| **Large Industrial Consumers - Manufacturing - CODE 30.1** High voltage 11,000 volts or 33,000 volts with maximum demand exceeding 500 kVA but up to 1,500 kVA BLOCK 2 (Declining Block). | Peak | 349.0 |
| | Shoulder | 282.9 |
| | Off- Peak | 218.1 |
| | **Average** | **282.9** |
| **Large Industrial Consumers - Service - CODE 30.2** High Voltage 11,000Volts or 33,000Volts, with maximum demand exceeding 500kVA but up to 1,500 kVA. | Peak | 420.5 |
| | Shoulder | 348.7 |
| | Off- Peak | 278.2 |
| | **Average** | **348.7** |
| **Extra Large Industrial Consumers - CODE 40.1** High Voltage 11,000V or 33,000V, with an Average Demand of at least 1,500kVA and dealing in manufacturing. | Peak | 229.1 |
| | Shoulder | 203.6 |
| | Off- Peak | 184.6 |
| | **Average** | **203.6** |
| **Extra Large Industrial Consumers - CODE 40.2** High Voltage 11,000V or 33,000V, with an Average Demand of at least 10,000kVA. | Peak | 305.4 |
| | Shoulder | 203.6 |
| | Off- Peak | 184.6 |
| | **Average** | **219.3** |
| **Public Amenities - CODE 50** Public Hospitals and Street Lighting provided by Municipalities/Cities/Towns.. | **Average** | **360.0** |

**Notes:**

1. The schedule of electricity end user retail tariffs shall be applicable to all consumer bills raised based on meter readings taken after cycle closure from April to June 2026 for customers on postpaid billing system. For customers on prepaid system (Light), the rates shall apply to electricity purchases made from April to June 2026.
2. Lifeline tariff is applicable for domestic consumers whose rolling average monthly consumption over a previous six-month period does not exceed 100kWh.
3. End user retail tariff of Ush 214.0/kWh for Shoulder and Off-peak time of use periods, and Ush 257.3/kWh for Peak period shall be applicable to industrial consumers under framework for industrial tariff reduction pegged on demand growth and applicable only after achieving target demand during the period April 2026 to June 2026.
4. Other charges such as fixed monthly charges, maximum demand charges, inspection fees, reconnection fees and penalties for power theft remain unchanged.
5. Declining Block Tariff applicable to individual Large Industrial Consumers (Manufacturing) after surpassing the threshold energy units as approved by the Authority.

**You can also visit or contact us at the address below for more information:**
Nakasero Road, UEDCL Tower, 6th floor plot 37, Kampala, Uganda
Telephone: 0312 330300 | 0312 185 185
Toll Free: 0800 203 088 | 0800 285 285 | 0800 385 385
Email: contact@uedcl.co.ug
website: www.uedcl.co.ug
Socials: @UEDCLTD

**The Uganda Electricity Distribution Company Limited (UEDCL) is regulated by the Electricity Regulatory Authority (ERA)**

# Omukungu wa Gavt. akyazizza abakazi 2 omulundi gumu ne bamwefuuulira ne bamutta

Bya STUART YIGA NE PAUL GALIWANGO


Abooluganda lwa Omaido nga baganzika ekimuli ku ssanduuke ye.

ENSASAGGE yagudde ku kyalo Kamuli Zooni A, ekisangibwa mu Munisipaali y'e Kira mu disitulikiti y'e Wakiso, abakazi babiri bwe baasisinkanye mu maka g'omukungu wa Gavumenti olutalo ne lusituka, okukkakkana ng'omusajja attiddwa.

Moses Omaido, 44, abadde akola ng'akulira abakozi era nga y'akwatibwako ensonga z'ebyensimbi mu disitulikiti y'e Wakiso wansi wa minisitule ya Gavumenti ez'ebitundu, ye yattiddwa mu bukambwe, oluvannyuma lw'okukyaza abakazi babiri omulundi gumu ku nkomerero ya wiiki ewedde.

Brian Malinga, abadde mukwano gw'omugenzi era nga muliraanwa we, yategeezezza *Bukedde*, nti, ye yatemezza ku poliisi oluvannyuma lw'okufuna amawulire nti Omaido, asangiddwa ng'agudde wansi, ng'alina ekiwundu ekivaamu omusaayi mu bulago.

Wadde nga poliisi yagezezzaako okutaasa obulamu bwe, weyatuukidde ku ddwaaliro nga mukalu wa jjo olw'omusaayi omungi, ogwamuvuddemu. Ensonda zaategeezezza nti Omaido alina omukyala kyokka nga mu kiseera kino ali mu kyalo n'abaana be nga kye kyaviirako omusajja okutandika okwefunirayo abakyala abafaanana bwe bati.

Wakati mu kunoonyereza ekyasse omugenzi, poliisi yakutte muganzi we ayitibwa Oliver Agadi, n'emwokya kajogijogi w'ebibuuzo, n'abategeeza nti ku Lwokusatu nga March 25,2026, bwe yali agenze okulaba ku muganzi we, (kati omugenzi), ku ssaawa nga bbiri ez'ekiro, yamusanga akyazizza omuwala omulala ayitibwa- Aliya Nakimera, kyokka nga ye yali amanyi nti baali baayawukana.

Agadi, annyonnyola nti, olw'okwewala entalo, yayita ku Nakimera mu ddiiro mwe yali atudde, n'agenda butereevu mu kisenge, gye yasanga Omaido nga naye amulinze, era ne baggalawo ekisenge ne beebaka bombi.


Omugenzi Omaido

Agadi agamba nti enkeera ku ssaawa 12, ez'oku makya, Omaido, yaggulawo oluggi lw'ekisenge n'asanga Nakimera nga naye akyagumbye mu ddiiro, nga kyokka tasalikako musale, n'amusaba waakiri naye amuweeyo ku kadde nga bwe yabadde akawadde Agadi nti era buli ekyali kigenze mu maaso mu kisenge, yali akiwulidde bulungi.

Wabula, Omaido, yagaana okuwuliriza Nakimera nga wadda nga naye wadda. Kigambibwa nti mu kiseera kino Agadi yavaayo mu kisenge alabe ekigenda mu maaso era wano baawaanyisiganya ebisongovu ate olwo omusajja n'atandika okubatangira okulwana.

Waayita akaseera nga Omaido amaze okwambala agende okukola, Nakimera n'asitula olutalo buto, era kigambibwa nti mu kavuvung'ano yafumita omusajja akaso mu bulago.

Kigambibwa nti Omaido yagezaako okudduka ng'adda ewa muliraanwa agambibwa okuba owooluganda lwe, kyokka teyasobola kutuuka, n'agwa wansi, olwo ng'avaamu omusaayi omuyitirivu. Kigambibwa nti, Omaido, bwe yatuuka wabweru, yagezaako okwesikamu ekiso ekyali kiraalidde mu bulago, era nga kino kye kyamuviirako omusaayi okufukumuka omungi.

Kyokka Agadi, agamba nti, ebyali bigenda mu maaso wakati wa Omaido ne Nakimera, teyabissaako birowoozo, ng'agamba nti, sikulwa nga naye lumutwaliramu. Agamba nti oluvannyuma ng'avudde mu kinaabiro, yasanga omusaayi nga gubunye mu ddiiro, yagenda okufuluma ebweru nga ku mulambo gwa Omaido kw'alaba, nga gugudde okumpi n'ekkubo olwo amagezi ne gamwesiba.

Okunoonyereza kulaga nti, ng'amaze okufumita omusajja, Nakimera yamalamu omusubi.

Amyuka omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Luke Owoyesigyire, yategeezezza nti, baalondodde Nakimera ne bamugwako mu disitulikiti y'e Mityana gye yabadde yeekukumye, kyokka nga naye alumiriza Agadi nti y'avunaanibwa ku kufa kw'omugenzi.

Muganda w'omugenzi, Simon Peter Musangala, yategeezezza nti Omaido yaziikiddwa mu disitulikiti y'e Ngora, bwatyo n'asaba poliisi ennyikize okunoonyereza buli eyabadde n'omukono ku ttemu lino, amateeka gamulamule.

## Kye bagamba


Zekeri Ntezirayo; Abakazi abasse omusajja bayinza okuba 'banneeko' kuba mu mbeera eya bulijjo omukazi yandikubaganye na mukazi munne. Tebasaana kubeera mu bantu.


Miria Ainembabazi; Abasse omusajja babasibe kubanga mu ggwanga lyaffe okutta omuntu kintu kibi nnyo era gwe gumu ku misango egisinga obunene. Babaggalire e Luzira.


Kamada Kakande; Omusajja aba kuba nga yawonye, twandimunenyezza naye kibi nnyo okuba nga yafudde. Okutta omuntu si kirungi era abaamusse bagwana kkomera.

# Gavt. ekubirizza abasomi ku byemikono

Bya BADRU MUGENYI

MINISITA w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni akubirizza abazadde okwagazisa abaana okusoma ebyemikono bafune obukugu okutandikawo emirimu.

Obubaka buno yabutisse minisita avunaanyizibwa ku matendekero aga waggulu, John Chryzestom Muyingo mu kulangirira ebyava mu bigezo by'abayizi abasoma ebyemikono eby'omwaka 2025 ku kitebe kya Uganda Vocational and Technical Assessment Board (UVTAB) e Kyambogo.

Yagambye nti musanyufu kuba buli mwaka abayizi abasoma ebyemikono beeyongera. Yawadde obweyamo nti Gavumenti yaakwongera okuvujjirira amasomero agasomesa ebyemikono gafune ebikozesebwa omuli ebyuma eby'omulembe. Era Gavumenti yaakwongera okuweerera abayizi mu matendekero g'ebyemikono okuli n'abaliko obulemu.

Minisita Muyingo yasanyukiddeko abayizi abaatuula ebigezo kuba baabiyitidde waggulu era n'abaaniriza mu nsi y'emirimu. Yakinogaanyizza nti abasoma ebyemikono, batandikirawo okukola kuba baba bafunye obukugu nga n'eky'okukola bakimanyi.

Akulira UVTAB, Onesmus Oyesigye yagambye nti abantu bazudde ekyama mu kusoma ebyemikono kuba byattunzi nga n'abagenda ku kyeyo mu Buwarabu, bangi basooka kusoma byamikono kuba bye bakolayo.

Abayizi 27,460 beewandiisa okutuula ebigezo bino nga 26,912 ba satifikeeti ate 548 dipulooma. Ku bano, 26,312 be baatuula ekiraga nti abayizi 1,148 tebaatuula bigezo ebyaliwo mu November ne December wa 2025.




BARDU MUGENYI
Minisita Muyingo (wakati) ng'akwasibwa ebyava mu bigezo.

Ku bano, kwaliko abalenzi 15,595 n'abawala 10,717 nga kino Oyesigye agamba nti kirungi kuba omuwendo gw'abawala gweyongedde okuva ku bitundu 35 ku 100 mu 2024 ku bitundu 41 ku 100 mu 2025.

Yennyamidde olw'omuwendo gw'abayizi ogweyongedde okugwa Okubala n'agamba nti bagenda kukyusa mu nsomesa.

AMI ASINGA?

# Bakooci bali ku puleesa



Mikel Arteta alwana kuwangulira Arsenal ku kikopo kya muzinzi oluvannyuma lwa sizoni 5.

OMUPIIRA Mikel Arteta gwe yasembyeyo okuzannya gwamulemesezza okuwangula ekikopo (Carabao Cup). Omupiira gw'azzaako era guyinza okumulemesa ekikopo (FA Cup). Mu bufunze, emipiira 4 gy'azzaako okutandika ne wiikendi eno giyinza okumuggya ku bikopo by'alwaniridde sizoni yonna. Bw'ogamba nti Arteta ali mu kaseera kazibu oba okinafuyizza. Ali mu kattu kennyini. Anaakavaamu atya?

## Southampton etadde Arteta mu kattu

**Lwamukaaga, 4:00 ez'ekiro;**
Southampton vs Arsenal

Mu bazannyi bonna abaayitibwa okuzannyira amawanga gaabwe, Arsenal ye yasinga abaava mu nkambi olw'ensonga ezenjawulo. Baagiyitamu abazannyi 18 kyokka 11 ne bakibuukamu. Man City gyettunka nayo ku Premier, baagiyitamu 17, omu yekka ye yakibuukamu. Abaakivaamu ddala balwadde oba kakodyo, ka kwewala bukoowu na buvune mu ttiimu z'amawanga gaabwe? Akattu ka Arteta;

### AWUMMUZE BASSITA KU SOUTHAMPTON?

Ebadde nkola ya Arteta okuwummuza bassita mu FA Cup ya sizoni eno. Ekisinze okumuyamba, babadde bazannya ttiimu nnafu. Baatandikira ku Portsmouth, Wigan ne Mansfield gye baggyeeko ku luzannya lwa ttiimu 16. Southampton ekalubamu naye eri mu Championship. Ekyebuuzibwa, Arteta anaasigala ku nnono ye ey'okutuuza bassita, oba agenda kuyungula? Bangi ku bazannyi be tebaazannye mipiira gy'amawanga olw'obusongasonga okwabadde Rice, Magalhaes, Trossard, Saliba ne Saka. Kuno kw'ogatta Odegaard abadde omulwadde kyokka nga kati yassuuse. Eriiso ejjogi bagenda kusinga kulissa ku ggoolokipa Arrizabalaga. Ono yakoze ensobi ku fayinolo ya Carabao era bangi ne bavumirira Arteta obutatandisa Raya. Ng'abaanukula, yazzeemu nti, "Tekyandibadde kya bwenkanya okutuuza Arrizabalaga, abadde akwata empaka zino. Wadde akoze ensobi, ffenna tumanyi nti ggoolokipa mulungi." Ne mu FA yazze akwata. Anaamusigazaayo? Ku Lwokubiri, Arsenal ekyalira Sporting Lisbon, ezzeeko Bournemouth mu Premier ku Lwomukaaga. Raya bw'atakwata gwa Southampton, ogwa Sporting gulimusanga amaze ennaku 21 nga takutte mupiira. Arteta bw'azannyisa ttiimu ye eyookubiri, bassita be tebajja kuba ffiiti kimala (kiyite 'match fitness').

### OBUVUNE MU NKAMBI

Abazannyi ba Arsenal abaavudde mu gy'amawanga beekwasizza buvune. Hincapie (Ecuador) yazannya eddakiika 70 ku Morocco n'afuna obukosefu. Nnamba ye (3) y'emu ku zisinga okubaako okuvuganya mu Arsenal. Yasooka kuba ya Calafiori olw'okulwalirira, Hincapie n'amulyawo. Lewis-Skelly naye waali era bwe beemamaaza, ejja kumuddira. Eze yalwala akatumbugulu, Timber, naye egy'amawanga gyatuuse awenyera, Madueke yalwalidde ku ya Bungereza, Zubimendi yayingiziddwa mu kya Rodri mu ya Spain n'avaayo ng'agamba alina obuvune. Odegaard abadde mulwadde naye asuubirwa okudda ssaako Saliba, Magalhaes ne Trossard. Bassita abamu bwe batawona, Arsenal ejja kuba mu kattu era eyinza okusubwa ebikopo.

### GYOKERES MUKULU MU NSONGA Z'EBIKOPO

Yakubidde Sweden ggoolo 4 mu mipiira 2 n'agitwala mu World Cup. E Sweden muzira, naye e Bungereza akyatagala. Wiikendi eno, ayinza okuzannya mu FA Cup naye Arsenal esinga kumwetaaga mu 3 egiddako; ogwa Sporting Lisbon mwe yava era eyamufuula ayaayaanirwa. Arsenal yakwata pawundi obukadde 68 n'emuggyayo. Anaateeba ttiimu eyamwola oba agenda kugisaasira? Bw'avaayo, anaateeba Bournemouth? Bw'agimala, alinde Sporting e London. Nga giwedde, anaakola atya ku Man City? Tannateeba ku bbingwa w'e Bungereza okuggyako Spurs, erwanyisa ekyambe. Gyokeres bakimutaddeko nti takuba banene. Omukisa agulina okusangulawo ebyasooka ng'akuba Man City ggoolo ezaamulemye ku fayinolo ya Carabao Cup.

FORTEBET
SOUTHAMPTON – ARSENAL
1 X 2
11.00 6.00 1.27
WWW.FORTEBET.UG


Rosenior atendeka Chelsea.

## Owa Chelsea mweraliikirivu olw'ebyatuuse ku Igor Tudor

**Lwamukaaga, 1:15 akawungeezi;**
Chelsea vs Port Vale

ABAKUNGU ba Chelsea lwa kwekaza naye osanga nabo bandikoze ekya Spurs, okugoba omutendesi gwe baakawa omulimu.

Spurs yagobye Igor Tudor mu mwezi gumu gwokka bwe yakubiddwa emipiira 4 ku 5 mu Premier. Liam Rosenior yatandika n'akasigiri mu Chelsea ng'ebintu abikola kyokka kati ttiimu eddirira buddirizi. Erina wiini emu mu mipiira 5 egya Premier mwe bagikubidde 3.

Okuwanduka mu Champions League. ggoolo za PSG yanaabye nnaabe. Yagisonsese ggoolo 8!

Wiikendi eno, Chelsea ekyaza Port Vale mu FA Cup. Olw'okuba guli ku Stamford Bridge, kisuubirwa nti ttiimu yonna Rosenior gy'ayungula esobola okuvaayo ne wiini.

Port Vale eri mu kibinja kyakusatu e Bungereza (League One) era y'esembye. Mu FA Cup, yawandulamu Bristol City ne Sunderland ekyasembyeyo. Kiyinza okuba ekizibu ennyo okubaako ky'ekola Chelsea.

FORTEBET
CHELSEA – PORT VALE
1 X 2
1.07 14.00 28.00
WWW.FORTEBET.UG

# Middlesbrough nteebi naye ekisenge kitonnya



DIEGO NSUBUGA

**PSG vs Toulouse (1)**
PSG, eyagala kwenywereza ku ntikko ya Ligue1. Siraba bw'evumbeera ng'esisinkanye Toulouse eterina kya maanyi ky'erwanira. PSG ekulembedde liigi n'obubonero 60 mu mipiira 26. Yaakuzannya guno, nga wiini y'enkulu gyebali singa eremwa, Lens eyookubiri n'obubonero 59 mu mipiira 27 n'ewangula Lille ku Lwomukaaga, ebaliivula. Nsuubira PSG, egenda kwesigama nnyo ku kyoto kyayo okutigomya ekisenge kya Toulouse efune obuwanguzi.

**Middlesbrough vs Millwall (yes)**
Wadde eno ensiike yaakulwanira kyakubiri mu Championship, nkuwa amagezi ogisibe 'yes' kuba ttiimu zombi nnungi mu kuteeba. Middlesbrough eteebye ggoolo 59 ne bagiteeba 37 mu mipiira 39 sso nga Millwall eteebye 53 ne bagiteeba 44. Nsuubira abazannyi okuli; Browne, Strelec, Conway ne Moris aba Middlesborough okuteeba sso nga Coburn, Neghli, Longstaff ne Azeez aba Millwall nabo basobola okuteeba.

**Emirala:**
- Man City vs Liverpool (1)
- Southampton vs Arsenal (over)
- Sheffield Utd vs Swansea (1)
- Coventry vs Derby (yes)
- Willem vs Jong PSV (1)
- Jong AZ vs Helmond (1)
- St. Patrick vs Sligo Rovers (1)
- Luton vs Peterborough (1)
- Chesterfield vs Chettenham (1)
- Huddersfield vs Reading (1)
- Stoke City vs Sheffield Wed (1)
- Norwich vs Portsmouth (1)



MICHAEL KIGOZI

# BEETINGI

## Twesige Real okuwangula

**Ogwa Atletico Madrid ne Barca gwa ggoolo ggoolo**
Barcelona y'ekulembedde ate Atletico yaakuna ku ttiimu 20. Barcelona ya sizoni eno nkambwemu. Ewangudde emipiira 17 ku 19 egisembye. Kyokka Atletical Madrid nnene. Guno gwa ggoolo ggoolo. Erimu odi 1.57

**Real Madrid egukima ku bugenyi**
Ekyalira Mallorca mu liigi y'e Spain. Real Madrid eri ku ffoomu kuba ejja mu guno ng'ewangudde 11 ku 13 egisembye. Eteebye ekitono ggoolo 2 mu mipiira gino kyokka eteebeka. Wiini ya Real Madrid erimu odi 1.60.

**Wiini ya Flamengo nnyangu**
Ekyalira Red Bull Bragantino mu liigi ya Brazil. Flamengo yaakutaano ate Red Bull ya 14 ku ttiimu 20. Bragantino ekubiddwa emipiira 3 egisembye. Eno wiini ya Flamengo nnyangu nnyo. Erimu odi 1.33.

**Wiini ya Inter Miami nayo nnyangu**
Ettunka ne Austin FC mu liigi ya Amerika. Inter Miami yaamwenda ate Austin FC ya 20 ku ttiimu 30. Ekulembedde esinga Inter Miami obubonero 3 bwokka era ejja muguno nga tekubiddwa mu mipiira 13 ku 14 egisembye. Wiini eno erimu odi 1.30.

**Vancouver White Caps giwe handicap 2.0**
Ekyaza Portland Timbers mu liigi ya Amerika ku Ssande. Vancouver yaakusatu ate Portland Timbers ya 24 ku ttiimu 30. Ku mipiira 4 Vancouver gy'ekyazizza, ewanguddeko 3. Ate Portland ekubiddwa gyombi ng'ekyadde. Eno wiini ya Vancouver nnyangu.

**Wiini ya Hibernian togireka**
Ekyaza Kilmarnock mu liigi ya Scotland. Hibernian yaakutaano ate Kimarnock ya 11 ku ttiimu 12. Guno mwangu eri Hibernian kuba Kilmarnock y'emu ku zitakola bulungi. Ewangudde gumu ku 15 ng'ekyadde. Hibernian tegenda kutuuyana nnyo. Erimu odi 1.48.

**Hearts egukima ku bugenyi**
Ekyalira Livingston mu liigi ya Scotland ku Ssande. Hearts y'ekulembedde liigi eno ate Livingston y'esembye. Okumanya Livingston nnafu, erina wiini emu mu mipiira 31. Eremeddwa okuwangulako mu 29 egisembye. Eno wiini ya Hearts nnyangu nnyo. Erimu odi 1.55.

**Ow'omutima kwata amaliri ga Monaco ne Marseille**
Guno gwa Ssande mu liigi ya Bufalansa. Marseille esingako Monaco obubonero 3. Monaco eri ku ffoomu amaliri gaayo tegakwatika kyokka gasoboka. Galimu odi 3.50.

**Schalke giwe wiini**
Ekyaza Karlsruher mu Bundesliga 2 ku Ssande. Schalke y'ekulembedde ate gw'esamba waamunaana ku ttiimu 18. Wiini eno erimu odi 1.48.

**LISIITI YA WIIKENDI:**
Inter Miami, VancouverWhitecaps, Flamengo ne Real Madrid.

## Inter eri bubi

**Ssande mu Serie A**
Inter vs Roma; 3:45

INTER ekintu kitandise okugiva mu ngalo era bw'eteerwanako amaanyi gandigifa obusa. Ekulembedde Serie A ebbanga ddene nga n'enjawulo y'obubonero nnene kyokka kati emaze emipiira 3 nga teroza ku buwanguzi. Yakubwa AC Milan (1-0), okulemagana ne Atalanta ne Fiorentina (1-1) buli gumu.

Kino kigitadde mu mbeera enzibu olwa Milan eyookubiri okufunza ggaapu eno. Kati ACMilan ebulayo obubonero 6. Obuzibu obwolekedde Inter, kwe kuba ng'eddamu kuttunka na Roma, nayo erwana okugenda mu 'Top 4'. Ku Ssande, Roma ne Inter battunka mu nsiike buli omu gy'abaza okuwangula. Ekiwa ku bawagizi ba Inter essuubi, ye likodi ennungi mu nsiike eno kuba mu mipiira 5 erinako wiini 4 ate Roma 1.

| INTER – AS ROMA | | |
|---|---|---|
| 1 | X | 2 |
| 1.66 | 4.00 | 5.40 |

FORTEBET WWW.FORTEBET.UG

## Barca yeekengedde Atletico

**Ssande ssaawa 4:00**
Atletico Madrid vs Barcelona

SINGA teyali Real Madrid eyabakuba 3-2, Atletico yandibadde ewangudde emipiira 5 egisembyeyo. Ekyaza Barcelona ewangudde emipiira gyonna (5) egisembyeyo.

Barcelona erwana kwenywereza ku ntikko kuba Real Madrid bwe balwanira ekikopo tebakkiriza kumira mukka. Enjawulo ya bubonero 4 y'eri wakati waabwe.

Omutendesi wa Barcelona, Hansi Flick agamba nti guno bagenda kulwana bafune wiini wadde nga Atletico si nnyangu.

Barcelona gw'esembye okukyalira Atletico, baagikubirayo (3-1) mu Copa de Ray.



| ATL. MADRID – BARCELONA | | |
|---|---|---|
| 1 | X | 2 |
| 3.05 | 3.70 | 2.28 |

FORTEBET WWW.FORTEBET.UG

Lewandowski (mu kyenvu) owa Barcelona ng'ayisa omupiira ku wa Atletico.

# Arsenal eriko ssente z'okuwangula ebikopo 2



BRIAN MASEMBE

EKIBOOZI ky'abazannyi ba Arsenal okwerwaza basobole okuva ku ttiimu z'amawanga kyabuutikidde omutimbagano wiiki ewedde yonna. Kyokka ekya Gyokeres okuyisaawo Sweden mu World Cup nakyo kyasanyudde aba Arsenal naddala nga Donnarumma owa Man City yalemeddwa okuyisaawo Yitale. Abasinga bagamba omupiira gwa Yitale gwayitako terina na ttiimu mu Champions League kati.


Arsenal erina emipiira 5 egy'ensonga egiddako. Southampton, Sporting (emirundi 2), Bournemouth ne Man City nga gino gye gisalawo oba Arsenal eviiramu awo.

Southampton eri mu mipiira 12 nga tekubwa mu Championship, eri mu kyamukaaga. Okutuuka wano yawanduddemu Fulham ku bugenyi, omutendesi waayo Tonda Eckert omulimu baagumuwa mu November wa 2025. Arsenal yasemba okuwangula ebikopo 2 mu 2002, kati ebyagala byombi.

Ow'Akadirisa Arsenal erimu 160,000/- ng'otaddeko 100,000/-.

**Emipiira emirala egy'okusibako**

- M'gladbach vs Heidenheim (O) odi 1.7
- Leverkusen vs Wolfsburg (1) Odi 1.46
- Stuttgart vs Dortmund (O 1.5) odi 1.3
- Freiburg vs Bayern (Yes) odi 1.7
- Sociedad vs Levante (1) odi 1.65
- Mallorca vs R. Madrid (2) odi 1.63
- Atl. Madrid vs Barcelona (O) odi 1.8
- Volendam vs Feyenoord (2) odi 1.46



# EMIPIIRA GY'ENFUDU

| | |
|---|---|
| Den Bosch vs Jong Utrecht | [1] |
| Schoningen vs Hannover II | [2] |
| Red Star vs Laval | [2] |
| Cadiz CF vs Cordoba | [2] |

**Den Bosch Vs Jong Utrecht(1)**
Jong Utrecht terina buwanguzi mu mipiira 7 gy'esembye okukyala mu liigi ya Budaaki eyookubiri nga wiini gye baasemba okufuna yaliwo mu December wa 2025.

**Schoningen Vs Hannover II (2)**
Emipiira 5 egiddiring'ana Schoningen gy'esembye okukyaza, terinaamu wiini.

**Red Star Vs Laval (2)**
Red Star emaze emyaka 6 nga tewangulira Laval waka mu mpaka ez'enjawulo mu Bufalansa. Yasemba okuwangula mu February wa 2020.

**Cadiz CF Vs Cordoba (2)**
Cadiz yasemba okufuna obuwanguzi mu kibinja kya Spain ekyokubiri mu January. Kati emipiira giri 5 egiddiring'ana nga tewangulira waka.

# W'AKOLERA SSENTE

## Inter Milan esobola Roma



EDGAR LURANGWA

**Real Mallorca vs Real Madrid [2] odi 1.85**
Real Madrid ejja mu guno ng'eri mu kyakubiri n'obubonero 69 nga Barcelona ekulembedde ebasinga 4. Wadde eri ku bugenyi, Real Madrid erina obusobozi obufuna wiini tugyesige.

**Inter Milan vs As Roma [1] odi 2.05**
Inter wano w'eri terina gw'egenda kuttira ku liiso ng'ebula emipiira 8 liigi ekomekkerezebwe. Buli mupiira egukwata nga fayinolo kuba w'ekoleramu ensobi emikisa gy'ekikopo gikendeera. Wadde Roma ebadde ku ffoomu, tejja kuyita ku Inter.

**Man City vs Liverpool [1] odi 1.85**
Essuubilya Man City liri mu kuwangula FA Cup ewummule sizoni n'ebikopo waakiri 2. Baawangula Carabao, mu liigi bakyafuba. Liverpool nayo eyagala kuwangulayo kikopo sizoni eno kyokka tebadde ku ffoomu bulungi era kizibu okugisibirako. Kwata wiini ya Man City kuba ngirabamu akafuna.

**Emipira emirala**

- Southampton vs Arsenal [2] odi 1.50
- Leverkusen vs Wolfsburg [O] odi 1.85
- Atl. Madrid vs Barcelona [O] odi 1.73
- PSV vs Utrecht [ 1] odi 1.55
- Angers vs Lyon [2] odi 2.05
- Verona vs Fiorentina [2] odi 1.85

## Ekyoto kya Bayern lubabu

**Lwamukaaga mu Bundesliga**
Freiburg vs Bayern, 10:30

TTIIMU yokka eneefuna abazibizi abalungi y'egenda okulemesa Bayern. Ttiimu eno (Bayern) tewali agyeyimbamu mu kuteeba era bw'otagirumba nga weegendereza eyinza okukuswaliza mu bawagizi bo.

Mu mipiira 8 egisembyeyo, ewangulidde ku ggoolo 3 n'okudda waggulu okuggyako Leverkusen yokka ye yagisalira amagezi n'egisuula amaliri ga ggoolo 1-1. Erina ggoolo 97 mu mipiira 27 nga Dortmund eddako mu kuteeba eri ku 58. Ggoolo zino zisinga kuva mu bateebi okuli; Harry Kane (31), Luis Diaz (15), Michael Olise (11), Serge Gnabry (8) n'abalala.

Okutaayiza abateebi bano olina okubeetegekera ennyo era Freiburg bwe bazannya ku Lwomukaaga mu Bundesliga, erina okubeerinda. Bayern erwana kwenywereza ku ntikko n'enjawulo ya bubonero 9. Freiburg yaamunaana.

Mu mipiira 5 Bayern gy'esembye okusisinkana Freiburg, mulimu amaliri (gumu) ate Bayern ewanguddeko 4.

| FREIBURG – BAYERN | | |
|---|---|---|
| 1 | X | 2 |
| 6.70 | 5.60 | 1.41 |

FORTEBET WWW.FORTEBET.UG



Diaz owa Bayern

Guirassy owa Dortmund.

## Tatidde Dortmund

**Lwamukaaga mu Bundesliga**
Stuttgart vs Dortmund, 1:30

OMUTENDESI wa Stuttgart, Sebastian Hoeness agumizza abawagizi nti balina obusobozi obukuba Dortmund enkya (Lwamukaaga) mu Bundesliga. Stuttgart yaakusatu ku bubonero 53 ate Dortmund yaakubiri ku 71.

Ekiwa Hoeness amaanyi kwe kumala emipiira 5 egiddiring'ana nga tewali abakubye sso nga mu mipiira gye gimu, Dortmund yakubwamu Bayern (3-2) n'okulemagana ne RB Leipzig (2-2). Obuwanguzi bwa Stuttgart mu nsiike eno buginywereza mu kyokusatu.

| STUTTGART – DORTMUND | | |
|---|---|---|
| 1 | X | 2 |
| 2.44 | 3.95 | 2.68 |

FORTEBET WWW.FORTEBET.UG

ANI ASINGA?

# Bakooci bali ku puleesa



Mikel Arteta alwana kuwangulira Arsenal ku kikopo kya muzinzi oluvannyuma lwa sizoni 5.

OMUPIIRA Mikel Arteta gwe yasembyeyo okuzannya gwamulemesezza okuwangula ekikopo (Carabao Cup). Omupiira gw'azzaako era guyinza okumulemesa ekikopo (FA Cup). Mu bufunze, emipiira 4 gy'azzaako okutandika ne wiikendi eno giyinza okumuggya ku bikopo by'alwaniridde sizoni yonna. Bw'ogamba nti Arteta ali mu kaseera kazibu oba okinafuyizza. Ali mu kattu kennyini. Anaakavaamu atya?

FA Cup (April 4)

Southampton Vs Arsenal

Champions League (April 7)

Sporting Vs Arsenal

Premier (April 19)

Manchester City Vs Arsenal

## Southampton etadde Arteta mu kattu

**Lwamukaaga, 4:00 ez'ekiro;**
Southampton vs Arsenal

Mu bazannyi bonna abaayitibwa okuzannyira amawanga gaabwe, Arsenal ye yasinga abaava mu nkambi olw'ensonga ezenjawulo. Baagiyitamu abazannyi 18 kyokka 11 ne bakibuukamu. Man City gyettunka nayo ku Premier, baagiyitamu 17, omu yekka ye yakibuukamu. Abaakivaamu ddala balwadde oba kakodyo, ka kwewala bukoowu na buvune mu ttiimu z'amawanga gaabwe? Akattu ka Arteta;

### AWUMMUZE BASSITA KU SOUTHAMPTON?

Ebadde nkola ya Arteta okuwummuza bassita mu FA Cup ya sizoni eno. Ekisinze okumuyamba, babadde bazannya ttiimu nnafu. Baatandikira ku Portsmouth, Wigan ne Mansfield gye baggyeeko ku luzannya lwa ttiimu 16. Southampton ekalubamu naye eri mu Championship. Ekyebuuzibwa, Arteta anaasigala ku nnono ye ey'okutuuza bassita, oba agenda kuyungula? Bangi ku bazannyi be tebaazannye mipiira gy'amawanga olw'obusongasonga okwabadde Rice, Magalhaes, Trossard, Saliba ne Saka. Kuno kw'ogatta Odegaard abadde omulwadde kyokka nga kati yassuuse. Eriiso ejjogi bagenda kusinga kulissa ku ggoolokipa Arrizabalaga. Ono yakoze ensobi ku fayinolo ya Carabao era bangi ne bavumirira Arteta obutatandisa Raya. Ng'abaanukula, yazzeemu nti, "Tekyandibadde kya bwenkanya okutuuza Arrizabalaga, abadde akwata empaka zino. Wadde akoze ensobi, ffenna tumanyi nti ggoolokipa mulungi." Ne mu FA yazze akwata. Anaamusigazaayo? Ku Lwokubiri, Arsenal ekyalira Sporting Lisbon, ezzeeko Bournemouth mu Premier ku Lwomukaaga. Raya bw'atakwata gwa Southampton, ogwa Sporting gulimusanga amaze ennaku 21 nga takutte mupiira. Arteta bw'azannyisa ttiimu ye eyookubiri, bassita be tebajja kuba ffiti kimala (kiyite 'match fitness').

### OBUVUNE MU NKAMBI

Abazannyi ba Arsenal abaavudde mu gy'amawanga beekwasizza buvune. Hincapie (Ecuador) yazannya eddakiika 70 ku Morocco n'afuna obukosefu. Nnamba ye (3) y'emu ku zisinga okubaako okuvuganya mu Arsenal. Yasooka kuba ya Calafiori olw'okulwalira, Hincapie n'amulyawo. Lewis-Skelly naye waali era bwe beemamaaza, ejja kumuddira. Eze yalwala akatumbugulu, Timber, naye egy'amawanga gyatuuse awenyera, Madueke yalwalidde ku ya Bungereza, Zubimendi yayingiziddwa mu kya Rodri mu ya Spain n'avaayo ng'agamba alina obuvune. Odegaard abadde mulwadde naye asuubirwa okudda ssaako Saliba, Magalhaes ne Trossard. Bassita abamu bwe batawona, Arsenal ejja kuba mu kattu era eyinza okusubwa ebikopo.

### GYOKERES MUKULU MU NSONGA Z'EBIKOPO

Yakubidde Sweden ggoolo 4 mu mipiira 2 n'agitwala mu World Cup. E Sweden muzira, naye e Bungereza akyatagala. Wiikendi eno, ayinza okuzannya mu FA Cup naye Arsenal esinga kumwetaaga mu 3 egiddako; ogwa Sporting Lisbon mwe yava era eyamufuula ayaayaanirwa. Arsenal yakwata pawundi obukadde 68 n'emuggyayo. Anaateeba ttiimu eyamwola oba agenda kugisaasira? Bw'avaayo, anaateeba Bournemouth? Bw'agimala, alinde Sporting e London. Nga giwedde, anaakola atya ku Man City? Tannateeba ku bbingwa w'e Bungereza okuggyako Spurs, erwanyisa ekyambe. Gyokeres bakimutaddeko nti takuba banene. Omukisa agulina okusangulawo ebyasooka ng'akuba Man City ggoolo ezaamulemye ku fayinolo ya Carabao Cup.

| FORTEBET | SOUTHAMPTON – ARSENAL | | |
| --- | --- | --- | --- |
| | 1 | X | 2 |
| | 11.00 | 6.00 | 1.27 |

WWW.FORTEBET.UG



Rosenior atendeka Chelsea.

## Owa Chelsea mweraliikirivu olw'ebyatuuse ku Igor Tudor

**Lwamukaaga, 1:15 akawungeezi;**
Chelsea vs Port Vale

ABAKUNGU ba Chelsea lwa kwekaza naye osanga nabo bandikoze ekya Spurs, okugoba omutendesi gwe baakawa omulimu.

Spurs yagobye Igor Tudor mu mwezi gumu gwokka bwe yakubiddwa emipiira 4 ku 5 mu Premier. Liam Rosenior yatandika n'akasigiri mu Chelsea ng'ebintu abikola kyokka kati ttiimu eddirira buddirizi. Erina wiini emu mu mipiira 5 egya Premier mwe bagikubidde 3.

Okuwanduka mu Champions League. ggoolo za PSG yanaabye nnaabe. Yagisonsese ggoolo 8!

Wiikendi eno, Chelsea ekyaza Port Vale mu FA Cup. Olw'okuba guli ku Stamford Bridge, kisuubirwa nti ttiimu yonna Rosenior gy'ayungula esobola okuvaayo ne wiini.

Port Vale eri mu kibinja kyakusatu e Bungereza (League One) era y'esembye. Mu FA Cup, yawandulamu Bristol City ne Sunderland ekyasembyeyo. Kiyinza okuba ekizibu ennyo okubaako ky'ekola Chelsea.

| FORTEBET | CHELSEA – PORT VALE | | |
| --- | --- | --- | --- |
| | 1 | X | 2 |
| | 1.07 | 14.00 | 28.00 |

WWW.FORTEBET.UG




# Fortebet edduukiridde bamulekwa

KWABADDE kusanyuka nga kkampuni ya Fortebet ekwasa bamulekwa abasangibwa e Kyotera ettu eddene.

Fortebet yakyalidde era n'etonera Kyotera Glorious Organisation Limited (KYOGOL), ekibiina ekikuuma n'okubudaabuda abaana abasoba mu 300. Yabagabidde emifaliso ne bulangiti ebibalirirwa mu bukadde.

Ambasada wa Fortebet, Alex Muhangi n'akulira ebigenda mu mawulire, John Nanyumba be baasoose okukyalira abaana n'oluvannyuma akulira Fortebet e Kyotera ne Mutukula, Pius Asiimwe n'abakwasa ettu lino.

Pius Mujuzi, ssenkulu wa KYOGOL yeebazizza Fortebet olw'omutima omugabi. "Ebimu ku bye tusinga okubaamu n'obwetaavu, nsula. Fortebet etuweeredde ddala ekimu ku bye tusinga okwetaaga," Mujuzi bwe yagambye nga yaakamala okukwasibwa ebintu bino.


Abamu ku baana abataliko mwasirizi nga babakwasa ebikozesebwa.

# ODI Z'EMIPIIRA GYA WIIKENDI

| | | | | | | | | UNDER/OVER 2.5 | | DOUBLE CHANCE | | | BOTH TEAMS TO SCORE | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| DATE | TIME | LEAGUE | HOME | AWAY | HOME | DRAW | AWAY | U 2.5 | O 2.5 | 1X | 12 | X2 | GG | NG |
| 04-Apr | 14:45 | ENGLAND FA CUP | MANCHESTER CITY | LIVERPOOL | 1.83 | 4.19 | 4.35 | 2.47 | 1.58 | 1.26 | 1.25 | 1.99 | 1.56 | 2.40 |
| 04-Apr | 19:15 | ENGLAND FA CUP | CHELSEA | PORT VALE | 1.07 | 17.50 | 46.00 | 4.40 | 1.24 | 1.02 | 1.04 | 6.82 | 2.27 | 1.61 |
| 04-Apr | 22:00 | ENGLAND FA CUP | SOUTHAMPTON | ARSENAL | 11.20 | 5.94 | 1.32 | 2.60 | 1.50 | 3.36 | 1.15 | 1.09 | 1.92 | 1.86 |
| 05-Apr | 18:30 | ENGLAND FA CUP | WEST HAM | LEEDS | 2.50 | 3.63 | 2.94 | 2.05 | 1.80 | 1.45 | 1.32 | 1.56 | 1.65 | 2.23 |
| 03-Apr | 21:45 | FRANCE LIGUE 1 | PSG | TOULOUSE | 1.32 | 5.88 | 11.40 | 2.41 | 1.59 | 1.09 | 1.16 | 3.26 | 2 | 1.80 |
| 04-Apr | 18:00 | FRANCE LIGUE 1 | STRASBOURG | NICE | 1.89 | 3.75 | 4.57 | 2.15 | 1.73 | 1.25 | 1.29 | 1.95 | 1.67 | 2.15 |
| 04-Apr | 20:00 | FRANCE LIGUE 1 | STADE BREST | STADE RENNES | 3.35 | 3.66 | 2.26 | 1.98 | 1.87 | 1.65 | 1.33 | 1.38 | 1.70 | 2.10 |
| 04-Apr | 22:05 | FRANCE LIGUE 1 | LILLE | LENS | 2.72 | 3.48 | 2.78 | 2.02 | 1.84 | 1.47 | 1.34 | 1.51 | 1.67 | 2.21 |
| 05-Apr | 16:00 | FRANCE LIGUE 1 | ANGERS | LYON | 4.88 | 3.68 | 1.86 | 1.70 | 2.20 | 1.96 | 1.32 | 1.23 | 2.05 | 1.75 |
| 05-Apr | 18:15 | FRANCE LIGUE 1 | LE HAVRE | AUXERRE | 2.46 | 3.25 | 3.32 | 1.67 | 2.31 | 1.37 | 1.38 | 1.58 | 1.94 | 1.84 |
| 05-Apr | 18:15 | FRANCE LIGUE 1 | LORIENT | PARIS FC | 2.39 | 3.37 | 3.33 | 1.75 | 2.13 | 1.37 | 1.36 | 1.62 | 1.86 | 1.92 |
| 05-Apr | 18:15 | FRANCE LIGUE 1 | METZ | NANTES | 3.07 | 3.37 | 2.55 | 1.70 | 2.20 | 1.55 | 1.35 | 1.43 | 1.90 | 1.89 |
| 05-Apr | 21:45 | FRANCE LIGUE 1 | AS MONACO | MARSEILLE | 2.29 | 3.72 | 3.23 | 2.41 | 1.59 | 1.40 | 1.31 | 1.65 | 1.50 | 2.50 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | MONCHENGLADBACH | HEIDENHEIM | 1.63 | 4.52 | 5.58 | 2.37 | 1.61 | 1.14 | 1.19 | 2.72 | 1.67 | 2.15 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | BAYER LEVERKUSEN | WOLFSBURG | 1.47 | 5.18 | 7.06 | 2.70 | 1.48 | 1.18 | 1.24 | 2.32 | 1.69 | 2.11 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | FREIBURG | BAYERN MUNICH | 6.96 | 5.59 | 1.44 | 3.05 | 1.40 | 1.38 | 1.34 | 1.63 | 1.66 | 2.22 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | HAMBURGER | AUGSBURG | 2.34 | 3.52 | 3.30 | 2.05 | 1.83 | 2.76 | 1.18 | 1.14 | 1.57 | 2.35 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | HOFFENHEIM | MAINZ | 1.81 | 4.21 | 4.46 | 2.47 | 1.58 | 1.25 | 1.27 | 2.03 | 1.57 | 2.35 |
| 04-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | WERDER BREMEN | RB LEIPZIG | 3.60 | 4.04 | 2.04 | 2.65 | 1.50 | 1.79 | 1.28 | 1.34 | 1.47 | 2.63 |
| 04-Apr | 19:30 | BUNDESLIGA | STUTTGART | DORTMUND | 2.39 | 4.12 | 2.83 | 2.82 | 1.46 | 1.47 | 1.28 | 1.60 | 1.40 | 2.85 |
| 05-Apr | 16:30 | BUNDESLIGA | UNION BERLIN | ST. PAULI | 2.15 | 3.40 | 3.93 | 1.55 | 2.55 | 1.31 | 1.37 | 1.68 | 2.15 | 1.67 |
| 05-Apr | 18:30 | BUNDESLIGA | FRANKFURT | FC KOLN | 2.19 | 3.64 | 3.54 | 2.15 | 1.73 | 1.35 | 1.33 | 1.69 | 1.60 | 2.30 |
| 04-Apr | 16:00 | ITALY SERIE A | SASSUOLO | CAGLIARI | 2.07 | 3.17 | 4.60 | 1.72 | 2.16 | 1.26 | 1.38 | 1.77 | 1.91 | 1.87 |
| 04-Apr | 19:00 | ITALY SERIE A | HELLAS VERONA | FIORENTINA | 4.14 | 3.55 | 2.03 | 1.69 | 2.21 | 1.81 | 1.34 | 1.27 | 2.00 | 1.80 |
| 04-Apr | 21:45 | ITALY SERIE A | LAZIO | PARMA | 1.88 | 3.56 | 4.96 | 1.66 | 2.32 | 1.22 | 1.33 | 1.95 | 2.10 | 1.70 |
| 05-Apr | 16:00 | ITALY SERIE A | CREMONESE | BOLOGNA | 3.68 | 3.54 | 2.17 | 1.82 | 2.06 | 1.72 | 1.35 | 1.32 | 1.82 | 1.96 |
| 05-Apr | 19:00 | ITALY SERIE A | PISA | TORINO | 3.31 | 3.06 | 2.59 | 1.67 | 2.31 | 1.54 | 1.40 | 1.38 | 1.92 | 1.86 |
| 05-Apr | 21:45 | ITALY SERIE A | INTER MILAN | AS ROMA | 1.69 | 4.07 | 5.63 | 1.92 | 1.95 | 1.19 | 1.27 | 2.20 | 1.94 | 1.84 |
| 06-Apr | 13:30 | ITALY SERIE A | UDINESE | COMO | 5.16 | 3.94 | 1.76 | 1.83 | 2.05 | 2.09 | 1.30 | 1.20 | 1.96 | 1.82 |
| 06-Apr | 16:00 | ITALY SERIE A | LECCE | ATALANTA | 4.96 | 3.88 | 1.80 | 1.84 | 2.03 | 2.02 | 1.30 | 1.22 | 1.93 | 1.85 |
| 06-Apr | 19:00 | ITALY SERIE A | JUVENTUS | GENOA | 1.44 | 4.71 | 9.10 | 1.89 | 1.98 | 1.10 | 1.20 | 2.87 | 2.35 | 1.57 |
| 06-Apr | 21:45 | ITALY SERIE A | NAPOLI | AC MILAN | 2.68 | 3.12 | 3.11 | 1.65 | 2.33 | 1.41 | 1.39 | 1.52 | 1.95 | 1.83 |
| 03-Apr | 22:00 | SPAIN LA LIGA | RAYO VALLECANO | ELCHE | 1.85 | 3.71 | 4.88 | 1.86 | 2.01 | 1.22 | 1.30 | 2.02 | 1.92 | 1.86 |
| 04-Apr | 15:00 | SPAIN LA LIGA | REAL SOCIEDAD | LEVANTE | 1.64 | 4.32 | 5.74 | 2.15 | 1.75 | 1.18 | 1.25 | 2.28 | 1.80 | 2.00 |
| 04-Apr | 17:15 | SPAIN LA LIGA | MALLORCA | REAL MADRID | 5.64 | 4.48 | 1.63 | 2.25 | 1.67 | 2.33 | 1.22 | 1.18 | 1.75 | 2.05 |
| 04-Apr | 19:30 | SPAIN LA LIGA | REAL BETIS | ESPANYOL | 1.80 | 4.16 | 4.57 | 2.00 | 1.87 | 1.23 | 1.28 | 2.05 | 1.81 | 1.97 |
| 04-Apr | 22:00 | SPAIN LA LIGA | ATLETICO MADRID | BARCELONA | 3.09 | 3.81 | 2.33 | 2.63 | 1.52 | 1.65 | 1.31 | 1.40 | 1.45 | 2.70 |
| 05-Apr | 15:00 | SPAIN LA LIGA | GETAFE | ATHLETIC BILBAO | 3.25 | 2.92 | 2.74 | 1.37 | 3.15 | 1.49 | 1.44 | 1.39 | 2.45 | 1.55 |
| 05-Apr | 17:15 | SPAIN LA LIGA | VALENCIA | CELTA VIGO | 2.45 | 3.4 | 3.2 | 1.75 | 2.15 | 1.38 | 1.37 | 1.60 | 1.85 | 1.93 |
| 05-Apr | 19:30 | SPAIN LA LIGA | REAL OVIEDO | SEVILLA | 3.09 | 3.04 | 2.76 | 1.60 | 2.40 | 1.49 | 1.40 | 1.42 | 1.97 | 1.81 |
| 05-Apr | 22:00 | SPAIN LA LIGA | DEPORTIVO ALAVES | OSASUNA | 2.60 | 3.27 | 3.07 | 1.67 | 2.31 | 1.41 | 1.38 | 1.54 | 1.94 | 1.84 |
| 06-Apr | 22:00 | SPAIN LA LIGA | GIRONA | VILLARREAL | 3.30 | 3.52 | 2.34 | 2.17 | 2.13 | 1.63 | 1.33 | 1.39 | 1.59 | 2.31 |
| 04-Apr | 17:30 | NETHERLANDS | PSV | UTRECHT | 1.56 | 4.22 | 6.17 | 2.82 | 1.46 | 1.17 | 1.21 | 2.47 | 1.57 | 2.35 |
| 04-Apr | 19:45 | NETHERLANDS | AZ ALKMAAR | FORTUNA SITTARD | 1.35 | 5.58 | 8.10 | 2.90 | 1.44 | 1.12 | 1.17 | 2.96 | 1.67 | 2.15 |
| 04-Apr | 19:45 | NETHERLANDS | TELSTAR | GRONINGEN | 2.63 | 3.76 | 2.53 | 2.40 | 1.60 | 1.52 | 1.32 | 1.50 | 1.50 | 2.50 |
| 04-Apr | 22:00 | NETHERLANDS | AJAX | FC TWENTE | 2.30 | 3.79 | 2.91 | 2.41 | 1.59 | 1.43 | 1.30 | 1.62 | 1.50 | 2.50 |
| 04-Apr | 22:00 | NETHERLANDS | EXCELSIOR | NIJMEGEN | 3.45 | 3.95 | 2.01 | 2.57 | 1.53 | 1.79 | 1.28 | 1.34 | 1.49 | 2.51 |
| 05-Apr | 13:15 | NETHERLANDS | GO AHEAD EAGLES | ZWOLLE | 1.96 | 3.75 | 3.79 | 2.40 | 1.60 | 1.32 | 1.30 | 1.80 | 1.53 | 2.47 |
| 05-Apr | 15:30 | NETHERLANDS | FC VOLENDAM | FEYENOORD | 5.91 | 4.84 | 1.50 | 2.87 | 1.45 | 2.56 | 1.20 | 1.16 | 1.57 | 2.35 |
| 05-Apr | 15:30 | NETHERLANDS | HEERENVEEN | HERACLES | 1.52 | 5.14 | 5.24 | 2.72 | 1.48 | 1.18 | 1.21 | 2.42 | 1.59 | 2.31 |
| 05-Apr | 17:45 | NETHERLANDS | NAC BREDA | SP. ROTTERDAM | 2.51 | 3.44 | 2.84 | 2.00 | 1.87 | 1.44 | 1.33 | 1.57 | 1.67 | 2.15 |
| 03-Apr | 17:30 | PORTUGAL | GIL VICENTE | AFS | 1.37 | 5.10 | 9.30 | 1.94 | 1.89 | 1.10 | 1.19 | 2.96 | 2.27 | 1.61 |
| 03-Apr | 20:00 | PORTUGAL | VITORIA GUIMARAES | TONDELA | 1.80 | 3.70 | 4.89 | 1.77 | 2.08 | 1.22 | 1.31 | 1.98 | 1.97 | 1.81 |
| 03-Apr | 22:30 | PORTUGAL | SPORTING CP | SANTA CLARA | 1.25 | 6.11 | 14.40 | 2.03 | 1.82 | 1.08 | 1.17 | 3.36 | 2.37 | 1.58 |
| 04-Apr | 17:30 | PORTUGAL | NACIONAL | ESTRELA | 2.08 | 3.52 | 3.77 | 1.89 | 1.94 | 1.30 | 1.33 | 1.77 | 1.80 | 2.00 |
| 04-Apr | 20:00 | PORTUGAL | MOREIRENSE | SC BRAGA | 6.19 | 4.22 | 1.58 | 1.87 | 1.97 | 2.41 | 1.25 | 1.15 | 2.07 | 1.73 |
| 04-Apr | 20:00 | PORTUGAL | RIO AVE | ALVERCA | 2.61 | 3.49 | 2.77 | 1.81 | 2.03 | 1.45 | 1.34 | 1.53 | 1.80 | 2.00 |
| 04-Apr | 22:30 | PORTUGAL | FC PORTO | FAMALICAO | 1.47 | 4.47 | 8.00 | 1.83 | 2.01 | 1.12 | 1.21 | 2.76 | 2.30 | 1.60 |
| 06-Apr | 20:45 | PORTUGAL | AROUCA | ESTORIL | 2.59 | 3.56 | 2.75 | 2.10 | 1.75 | 1.48 | 1.32 | 1.54 | 1.61 | 2.27 |
| 06-Apr | 22:45 | PORTUGAL | CASA PIA | BENFICA | 16.00 | 6.09 | 1.24 | 2.52 | 1.53 | 3.76 | 1.13 | 1.07 | 2.10 | 1.70 |
| 03-Apr | 21:45 | BELGIUM | ROYAL ANTWERP | GENK | 3.05 | 3.60 | 2.26 | 2.06 | 1.79 | 1.63 | 1.31 | 1.41 | 1.67 | 2.21 |
| 04-Apr | 17:00 | BELGIUM | ZULTE WAREGEM | CERCLE BRUGGE | 2.38 | 3.67 | 2.83 | 2.43 | 1.57 | 1.45 | 1.30 | 1.59 | 1.50 | 2.50 |
| 04-Apr | 19:15 | BELGIUM | LEUVEN | ST. LIEGE | 2.12 | 3.36 | 3.60 | 1.75 | 2.10 | 1.32 | 1.35 | 1.71 | 1.88 | 1.90 |
| 04-Apr | 21:45 | BELGIUM | ROYALE UNION SG | ST. TRUIDEN | 1.72 | 3.91 | 4.76 | 1.97 | 1.86 | 1.21 | 1.29 | 2.04 | 1.81 | 1.97 |
| 05-Apr | 19:30 | BELGIUM | WESTERLO | CHARLEROI | 2.64 | 3.17 | 2.83 | 2.23 | 1.67 | 1.46 | 1.33 | 1.53 | 1.55 | 2.45 |
| 06-Apr | 14:30 | BELGIUM | CLUB BRUGGE | ANDERLECHT | 1.52 | 4.71 | 5.73 | 2.60 | 1.50 | 1.17 | 1.22 | 2.47 | 1.63 | 2.25 |
| 06-Apr | 17:00 | BELGIUM | RAAL LA LOUVIERE | DENDER | 1.83 | 3.52 | 4.61 | 1.75 | 2.10 | 1.23 | 1.33 | 1.92 | 1.95 | 1.83 |
| 06-Apr | 19:30 | BELGIUM | GENT | KV MECHELEN | 1.95 | 3.77 | 3.73 | 2.25 | 1.65 | 1.30 | 1.31 | 1.79 | 1.57 | 2.35 |
| 04-Apr | 13:00 | RUSSIA | AKRON TOGLIATTI | CSKA MOSCOW | 4.69 | 4.33 | 1.75 | 2.35 | 1.60 | 2.03 | 1.27 | 1.24 | 1.60 | 2.30 |
| 04-Apr | 15:15 | RUSSIA | ZENIT | KRYLYA SOVETOV | 1.25 | 6.77 | 14.50 | 2.25 | 1.65 | 1.07 | 1.13 | 3.82 | 2.35 | 1.57 |
| 04-Apr | 17:30 | RUSSIA | DYNAMO MOSCOW | ORENBURG | 1.49 | 4.99 | 7.02 | 2.45 | 1.57 | 1.16 | 1.21 | 2.52 | 1.70 | 2.10 |
| 04-Apr | 19:45 | RUSSIA | AKHMAT GROZNY | KRASNODAR | 4.47 | 3.76 | 1.90 | 1.82 | 2.01 | 1.89 | 1.32 | 1.26 | 1.89 | 1.90 |
| 05-Apr | 14:00 | RUSSIA | PARI NN | FK ROSTOV | 3.26 | 3.28 | 2.48 | 1.62 | 2.33 | 1.57 | 1.36 | 1.40 | 2.00 | 1.80 |
| 05-Apr | 16:30 | RUSSIA | DY. MAKHACHKALA | BALTIKA | 3.81 | 3.16 | 2.29 | 1.36 | 3.20 | 1.61 | 1.42 | 1.31 | 2.55 | 1.45 |
| 05-Apr | 19:30 | RUSSIA | SPARTAK MOSCOW | LOK. MOSCOW | 1.89 | 4.01 | 4.22 | 2.21 | 1.67 | 1.31 | 1.29 | 1.82 | 1.61 | 2.27 |
| 06-Apr | 19:30 | RUSSIA | SOCHI | RUBIN KAZAN | 4.23 | 3.50 | 2.03 | 1.57 | 2.45 | 1.77 | 1.35 | 1.28 | 2.15 | 1.67 |
| 04-Apr | 17:00 | SCOTLAND | HIBERNIAN | KILMARNOCK | 1.51 | 4.30 | 5.81 | 2.33 | 1.62 | 1.08 | 1.13 | 3.66 | 1.97 | 1.81 |
| 04-Apr | 17:00 | SCOTLAND | MOTHERWELL | FALKIRK | 1.75 | 3.66 | 4.51 | 1.93 | 1.90 | 1.17 | 1.23 | 2.41 | 1.73 | 2.07 |
| 04-Apr | 17:00 | SCOTLAND | RANGERS | DUNDEE UTD | 1.26 | 6.05 | 9.15 | 2.67 | 1.48 | 1.23 | 1.30 | 1.99 | 1.83 | 1.95 |
| 04-Apr | 17:00 | SCOTLAND | ST. MIRREN | ABERDEEN | 2.12 | 3.36 | 3.35 | 1.93 | 1.90 | 1.35 | 1.33 | 1.69 | 1.73 | 2.07 |
| 05-Apr | 16:00 | SCOTLAND | LIVINGSTON | HEARTS | 5.25 | 4.10 | 1.56 | 2.12 | 1.73 | 2.31 | 1.25 | 1.18 | 1.80 | 2.00 |
| 05-Apr | 18:30 | SCOTLAND | DUNDEE FC | CELTIC | 5.31 | 4.60 | 1.51 | 2.61 | 1.49 | 2.46 | 1.21 | 1.17 | 1.61 | 2.27 |
| 04-Apr | 14:30 | TURKEY | GENCLERBIRLIGI | GOZTEPE | 3.18 | 3.16 | 2.50 | 1.65 | 2.30 | 1.57 | 1.38 | 1.38 | 1.96 | 1.82 |
| 04-Apr | 14:30 | TURKEY | KASIMPASA | KAYSERISPOR | 2.21 | 3.52 | 3.41 | 1.95 | 1.88 | 1.36 | 1.34 | 1.67 | 1.70 | 2.10 |
| 04-Apr | 17:00 | TURKEY | GAZIANTEP | ALANYASPOR | 2.90 | 3.52 | 2.49 | 2.00 | 1.83 | 1.56 | 1.33 | 1.44 | 1.67 | 2.15 |
| 04-Apr | 20:00 | TURKEY | TRABZONSPOR | GALATASARAY | 3.49 | 3.66 | 2.12 | 2.43 | 1.57 | 1.71 | 1.31 | 1.36 | 1.50 | 2.50 |
| 05-Apr | 14:30 | TURKEY | KARAGUMRUK | RIZESPOR | 2.99 | 3.41 | 2.48 | 1.95 | 1.87 | 1.58 | 1.34 | 1.42 | 1.70 | 2.10 |
| 05-Apr | 14:30 | TURKEY | SAMSUNSPOR | KONYASPOR | 2.39 | 3.20 | 3.33 | 1.68 | 2.20 | 1.37 | 1.38 | 1.59 | 1.90 | 1.89 |
| 05-Apr | 17:00 | TURKEY | ANTALYASPOR | EYUPSPOR | 2.29 | 2.96 | 3.91 | 1.70 | 2.15 | 1.31 | 1.38 | 1.67 | 1.90 | 1.89 |
| 05-Apr | 20:00 | TURKEY | FENERBAHCE | BESIKTAS | 2.06 | 3.76 | 3.58 | 2.33 | 1.62 | 1.34 | 1.31 | 1.74 | 1.55 | 2.45 |
| 06-Apr | 20:00 | TURKEY | KOCAELISPOR | BASAKSEHIR | 2.90 | 3.31 | 2.61 | 1.81 | 2.03 | 1.53 | 1.36 | 1.44 | 1.80 | 2.00 |

# KCCA enoonya obuwumbi 39



Sserunjogi

Ekisaawe kya KCCA e Lugogo nga bwe kifaanana.

Bya HUSSEIN BUKENYA

**Lwamukaaga mu Stanbic Uganda Cup**
URA vs KCCA e Nakivubo; 9:00

ABAKUNGU ba KCCA FC batuuyana zikala olwa ssente ezimaliriza ekisaawe kyabwe okubabula.

Ssentebe wa ttiimu eno, Andrew Mukiibi Sserunjogi n'abamu ku bakungu ba boodi, ku Lwokutaano baasiiba mu Palamenti nga basaba ebawe obuwumbi 39 n'obukadde 400 bamalirize ekisaawe kino.

Sserunjogi agamba nti Gavumenti ssente ze yasooka okubawa, baazikozesa bulungi nga kati babulako kumaliriza mutendera gusembayo kyokka kalumanywera yatuuseewo mu kusaba ndala ezirina okukimaliriza.

Ku ssente zino, Sserunjogi agamba nti baagala kugulako obutebe abawagizi kwe batuula, okuteeza abakungu we batuula, okussaako ebitaala okukyetoolooza, okugula ggyenereeta ennene, okugula lifuti, okuteekamu ebyuma ebireeta empewo, okukisiiga langi kyonna, okukyusa kkapeti, okukiggala, n'ebirala bingi nti kyokka ssente zikyababuze.

"Gavumenti ezze etuwa ssente ku nsonga ez'enjawulo era tulina essuubi nti ne ku mulundi guno ejja kutuwa lwakuba tulina okutya nti bitambudde kasoobo," Sserunjogi bwe yategeezezza.

Yayongeddeko nti baalina essuubi nti mu kiseera kino ekisaawe kyalina okuba nga kiwedde kuba kitutte obudde bungi kyokka kati buli kimu kye sibye.



Milton Karisa owa Vipers (ku kkono) ne Ibrahim Kiyemba owa NEC. Baalemagana (1-1).

# NEC ne Vipers kuliko ava mu Uganda Cup

Bya HUSSEIN BUKENYA

**Leero (Lwakutaano) mu Stanbic Uganda Cup; 9:00**
NEC vs Vipers, Lugogo

OMUPIIRA gwa Vipers ne NEC gwafuuka gwa mbiranyi. Emipiira 5 gye basembye okusisinkana, buli omu alinamu wiini emu ng'emirala gya maliri.

Ttiimu zino, ziddamu okuttunka leero (Lwakutaano), mu lutalo lw'okwesogga 'quarter' y'empaka za Stanbic Uganda Cup. Omupiira guli mu kisaawe e Lugogo ku ssaawa 9:00 ez'akawungeezi.

Gusanze ttiimu zombi ziri ku ffoomu nga Vipers, abaawangula ebikopo 2 sizoni ewedde (liigi ne Uganda Cup) , be bakulembedde liigi ya babinywera era nga tebannakubwamu.

NEC yatandika bubi liigi ekyaviirako n'abakungu baayo okugoba omutendesi, Hussein Mbalangu kyokka okuva lwe yafuna Badru Kaddu 'Kooci KB' eyali atendeka Express, yalinnyisa omutindo era kati ewezezza emipiira 12 nga tekubwa.

Ekyongera okufuula omupiira guno omunyuvu, Vipers ekyabuliddwa obuwanguzi ku NEC e Lugogo. Mu mipiira 3 gye baakasisinkanira e Lugogo, NEC ewangudde gumu n'amaliri 2.

## ABAZANNYI ABASAZE EDDIIRO

NEC erina Richard Basangwa, Ibrahim Kiyemba, Paul Mucureezi, Joseph Dhata ate Vipers erina Enock Sebaggala. Abazannyi bano basuubirwa okuteekawo omutindo.

Kaddu yagambye nti Vipers ekola bulungi kyokka tegitidde kuba abazannyi b'alina basobola okugikuba singa bagoberera bulungi ebiragiro bye.

Vipers yaggyamu Iganga United ate NEC n'ewandula Lugazi FC.

# Engule zicamudde aboomupiira gw'abakazi

Bya ISMAIL MULANGWA

OMUWUWUTTANYI wa Kampala Queens, Zaitun Namaganda n'omutendesi wa She Corporate, Belyse Ininahazwe beetisse bannaabwe mu kucanga akapiira mu liigi y'abakazi eya Finance Trust Bank FUFA Women Super League. Ebirabo bino bya mwezi guwedde (February).

Baafunye 500,000/- buli omu n'engule, eyabakwasiddwa kitunzi wa Finance Trust Bank, Paul Lubega ku kitebe kya bbanka eno ekikulu e Nakasero ku Lwokubiri. Namaganda yateeba ggoolo 4 mu mipiira 4. Yamezze Gloria Namugerwa owa Uganda Martyrs ne Latifah Nakasi.

Ininahazwe yamezze Ayub Khalifah ne Asefa Firew Hailegebreal owa Kampala Queens.

Belyse yagambye nti engule eno tagiwangudde yekka wabula akoledde wamu n'abazannyi be okulaba nga batuuka ku buwanguzi buno. "Okukulonda mu bantu bonna nti ggwe asinze, kiraga bukozi era nsaba Katonda ayongere okumpa amagezi n'obukugu obukola ebibaddewo omwezi oguwedde kuba buli omu alwanira kusinga," Ininahazwe bwe yategeezezza.

Lubega yagambye nti bbanka yaabwe yeenyumiririza nnyo mu kulwanirira omuntu wa bulijjo okufuna bye yeetaaga era musanyufu nti enkolagana yaabwe evaamu ebibala,".

Kawempe Muslim SS y'ekulembedde liigi eno n'obubonero (42), She Corporate (41), Kampala Queens (32), Uganda Martyrs (25) ate Asubo Ladies ne Olila H/S be bakoobedde.



Namaganda ne Ininahazwe nga balaga engule ku Nakasero.

# Man City ewona Salah?

## Kye bagamba



Sharif Magala, Kirinya: **Liverpool eri mu kattu ka maanyi kuba ezibira bubi ate egenda kusisinkana abasambi abalumba. Oluva ku Man City, egenda wa mu PSG gy'eneeva okusamba Fulham mu Premier.**



Hadijah Namubiru, Kasokoso: **Arsenal ekyalina Man City ne Newcastle ng'ekyabala ne Champions League. Tomanya kiddako kuba ekyalina okuzannya abalwana obutasalwako nga Burnley ne West Ham.**



Gilbert Tuhame, Ntinda: **Liverpool erina PSG, Everton, Crystal Palace etera okugitawaanya ssaako ManU, Chelsea ne Aston Villa. Siraba lugendo lwayo nga n'omutindo gwayo mubi sizoni eno.**



Brian Ssewagudde, Nakawa: **Liverpool eri bubi nnyo kuba erina Chelsea, ManU ne Aston Villa b'erwana nabo okumalira mu Top 4 ssaako Brentford ne Crystal Palace ezitera okugitawaanya.**

**Lwamukaaga, 8:45 ez'olweggulo;**
Man City vs Liverpool

GWE mupiira gwa wiikendi. Liverpool ekimanyi nti kino kye kikopo ky'esobola okuwangula sizoni eno. Mu Champions League bikyali biwanvu. Okuwandulamu PSG kiyinza obutasoboka. Omugezi afiira ku Man City eno bw'aba waakuwangula ku kikopo.

Man City yawanduka mu Champions League naye waakiri yatutte Carabao ate nga yakubye Arsenal, gy'evuganya nayo ku Premier. Kati omukisa gw'okunnyuka n'ebikopo 3 weeguli. Okukituukako, erina kusooka kuggyawo Liverpool wiikendi eno. Man City ezannye semi za FA Cup 7 eziddiriŋŋana, kati eruubirira yaamunaana.

### SALAH ANANNYUKA N'EKIKOPO?

Kinaafaanana kitya nga Mo Salah asiibudde Bungereza nga talina kikopo sizoni eno? Ayinza okuba nga ye muzannyi asinze okussa ettoffaali ku Liverpool okuva ku Kenny Dalglish. Abawangulidde ebikopo nkuyanja naye bagenda kusinga kumujjukirako okuba omusaale nga beggyako ekikwa ky'emyaka egisoba mu 30 nga tebawangula Premier. Abafunidde ne Champions League ne fayinolo endala 2 Real Madrid ze yabakuba.

Ku Premier 2, Salah agattako ne FA Cup ya 2021/22 ne Carabao mu sizoni y'emu. Eno ye sizoni ya Salah eyoomwenda mu Liverpool. Salah yaakakuba Man City ggoolo 13 mu mipiira 25 gy'agisisinkanye. Ggoolo 9 ku zo za Premier. Alina ne asisiti 8, mu mpaka zonna. Ku ggoolo 4 z'asembyeyo okukuba Man City, 3 azikubidde ku Etihad Stadium. Salah yaggwaamu. Buli amulabye sizoni eno akimanyi. Takyaluma. Waliwo abamuyita empologoma enkadde. Wadde eba ekaddiye, tosobola kussa mukono mu kamwa kaayo. Abadde akuba nnyo abanene. Eno ye nsiike ye esembayo ne Man City singa taddamu kuzannyira mu Bungereza nga bwe kisuubirwa. Anaaginnyukiramu, oba ffoomu ye enfu sizoni eno eneeyongera mu maaso ku Ssande?



Doku (ku ddyo) owa Man City ne Mo Salah owa Liverpool baddamu ku Ssande okuyiriba mu FA Cup.

### MAN CITY EROWOOZA KU ARSENAL

Okuva bwe baavudde mu Champions League, Arsenal erina okubeegenderezа ennyo. Bwe bamala Liverpool, bazzaako Chelsea ku Ssande ejja ng'olugimala baddiŋŋana ne Arsenal mu Premier nga April 19. Obud... obwetegekera Arsenal balina obuwera. Wakati awo, Arsenal erina Champions League, tejja kuwummula kimala ate ng'erim... obuvune. Nga Man City ebala omupiira gumu, kijja kuba kizib... Arsenal okugiyitako. Mu nsisinkano za Man City ne Liverpool 5 ezisembyeyo, buli omu alinako wiini 2.

| FORTEBET | MAN. CITY – LIVERPOOL | | |
|---|---|---|---|
| | 1 | X | 2 |
| | 1.78 | 4.10 | 4.25 |

WWW.FORTEBET.UG

## Abalwanyisa ekyambe basisinkanye mu FA Cup



Bowen aduumira West Ham.

**Ssande, 12:30 akawungeezi;**
West Ham vs Leeds

OMULUNDI gwe baasemba okusisinkana mu mpaka zino, West Ham ye yamegga. Kyaliwo mu 2022 ku luzannya lwa ttiimu 32 era Lanzini ne Bowen be baateeba. Bowen akyaliyo era ye kapiteeni wa ttiimu eno.

West Ham erina omulimu munene mu Premier ogw'okulaba nga tesalwako. Empaka zino zirabika nga ezitaataaganya ekiruubirirwa kyayo ekinene. Naye teyinza kwewaayo naddala nga gy'ezannya eraba nga akubika.

Wadde nga ne Leeds eri mu kibalo kya butasalwako mu Premier, yo erina w'enywera ku tuzzi. Esinga West Ham obubonero 4 bulambirira.

Bw'eba ffoomu, naddala ng'otunuulidde eya Premier, West Ham eri yaddeyaddeko. Ekuŋŋaanyizza obubonero 5 ku 15, sso nga Leeds efunye 3. Mu nsisinkano zaabwe 5 ezisembyeyo, buli omu alinamu wiini 2.

| FORTEBET | WEST HAM – LEEDS | | |
|---|---|---|---|
| | 1 | X | 2 |
| | 2.45 | 3.55 | 2.84 |

WWW.FORTEBET.UG



Dan James (Leeds)